# Amazzi Agabeerawo Bulijjo Okuva Mu Lwazi

Jeffersonville, Indiana, USA

Julaayi 23, 1961

1 Tuli basanyufu enkya ya leero olw'Okubeerawo kwa Mukama Katonda, okutandika okusaba kw'oku makya okuyita mu kutuwa Obubaka, nti-nti tuteekeddwa "okuwuliriza, okubeera abawombeefu" mu Maaso Ge, nti Alina ky'Ayagala okwogerako gye tuli. Nkakasa nti Ajja kukola ekyo ky'Asuubizza. Bulijjo Akuuma Ekigambo Kye. Kale tuli basanyufu okukuŋŋaana awamu, nga tuli balamu, ne ku luuyi luno olw'Obutaggwaawo enkya ya leero, n'okusobola okusinza Mukama nate, n'okwekuŋŋaanya awamu ne tuwulira okuva gy'Ali. Eyo y'ensonga lwaki tukuŋŋaana awamu, lwa kigendererwa kino kye nnyini.

2 Kaakati, nnagudde ku w'Oluganda Neville, nga takisuubira, olwa leero, olw'ekirooto ekimu kye nnaloose. Nti…nzikiririza mu birooto. Nzikiriza nti Katonda Akolagana n'abantu okuyita mu birooto. Era nnafunye ekirooto ekitali kya bulijjo, ekiro kya luli, nti nnabadde ntambulira ku ludda lw'akasozi, akasozi akamu, nga ŋŋenda mu kifo we baliira we nnabadde ŋŋenda okufunira eky'eggulo kyange. Era ekyo nnakyetegerezza, bwe nnasemberedde ddala ekifo, baabadde bazannya ennyimba, omuyimbi yabadde azannya ennyimba awamu n'akadingidi, ng'asanyusa abantu eno nga bwe balya. Era waabaddewo ekyakibaddeko kye ssaanyumiddwa, kale ne mbayitako buyisi. Ne nsisinkana omuntu omu ng'ayambuka akasozi. Ne ntunula, era abantu bangi baabadde baambuka akasozi okujja mu kifo kino we baliira. Wabula nnabadde ng'ava we bali, ne nkyuka okuddayo ku mukono ogwa ddyo, oba ogwa kkono.

3 Mu ngeri emu, eyo mu kiwonvu wansi, nga nnengera ekkuŋŋaaniro. Ne mpulira eddoboozi ly'omuntu omu nga ligamba nti, "Sisinkana ow'Oluganda Branham we basalira ekkubo. Akkirira okuva waggulu ku kasozi. Era mugambe ekintu bwe kiti." Ne nnyanguwa okutuuka we basalira.

Era omuntu bwe yayambuse waggulu, yabadde waluganda Neville ng'ayambadde essuuti ye eyakitaka, ng'afaanana nga bw'afaanana awo w'atudde enkya ya leero. N'agamba nti, "ow'Oluganda Branham bw'oba ng'ogenda kubeera mu kibuga," "kyandibadde kirungi gy'oli okukkirira wansi kubanga ow'Oluganda Hank…" Kaakati, omu yekka gwe mmanyi, waluganda Hank, ye w'Oluganda Henry Carlson; tumuyita Hank. N'agamba nti, "Ayinza okulowooza nti kyabadde kya njawulo nti tewazzeemu kukyalira kkuŋŋaaniro bw'oba ng'ogenda kubeerawo mu kabuga, oba okubeerawo mu kibuga okumala ennaku entonotono." Ne nzuukuka.

Ne ku ekyo, nnawulidde eky'enjawulo. Ssaayagadde kubayingirira mu kiseera kya wiiki ekyo, okutuusa bwe nnasabye ow'Oluganda Neville bw'aba ng'alina ekintu kyonna eky'enjawulo ku lw'ekkanisa, enkya ya leero. N'olwekyo n'aba waakisa, nga bulijjo, n'agamba nti, "Sseregeta ojje." Kale nno, ne tujja buzzi. Nnamukubiddde olw'eggulo lwa jjo, n'ayingirawo enkya ya leero nga tewali ku ffe akisuubira.

4 Kaakati nzikiriza nti kijja kuba kintu kirungi, okusooka, eri nze okubannyonyolamu ebintu ebimu. Leka ngeze ndi muntu wanjawulo nnyo eri abangi. Era ndimuuko eky'enjawulo eri nze mwennyini. Kubanga ngezaako okugoberera okukulemberwa kw'Omyoyo Omutukuvu, nga mmusemberera ddala nga bwe nsobola. Era ekyo kitufuula ab'enjawulo, mulaba. Tukola ebintu ddala bye tutuula wansi olumu ne twewuunya nti, "Lwaki ekintu bwe kityo nnakikoze? Ekintu ekyo nnyinza ntya okukikola?" Mu kiseera ekyo kyennyini oyinza okulowooza nti okoledde ddala ky'obadde tolina kukola. Naye singa onaagumiikirizaako, n'oba n'okukkiriza, era ng'okakasa nti Katonda y'Akukulembedde okukikola, ojja kukizuula nti kikolera ddala bulungi. Mulaba? Emirundi egisinga ekyo tukizuula. Era mmanyi ow'Oluganda Neville ekyo akizudde emirundi mingi. Era abakulembeze n'abantu ab'omwoyo ekyo bakizuula.

Kibaddenga mu bulamu bwange…Mazima, okuva nga ndi muvubuka, siwulirangako kukulemberwa kubeera mu Jeffersonville. Bulijjo kibadde wabaddengawo okuziyizibwa, gye ndi okugezaako okubeera wano. Ekisooka, embeera y'obudde bambi eky'ennaku tekwatagana nange. Ekintu ekirala, walabika okubaawo okunakuwazibwa kw'omwoyo.

5 Bw'oddayo amabega n'otunuulira awamu wano, bwe waba nga tewaayonoonebwa mu kiseera ky'amataba, waliwo ebbaluwa ku lw'ensonga eyo gye nnalina, nti nnali nsoose kukuba ssimu mu kitongole, nnatandika okuvaawo. N'ow'Oluganda George DeArk nange…

Ne maama w'ow'oluganda Graham Snelling, ow'Oluganda Hawkins oyo addukanya essundiro ly'amafuta mu New Albany, n'abantu bangi, bansisinkana wabweru w'ekifo ekitono eky'olukuŋŋaana olw'okusaba wano. Ne bagamba n'okugamba, singa nsigala, bayinza okwawuzza ku budde bwabwe, okuzimba Ekkuŋŋaaniro, kale obutava batyo batyo mu kifo okudda mu kirala.

6 Bwe nnawulira maama oyo ng'alina omwana omu omuto alina obuvunaanyizibwa obungi, ng'agamba nti ajja kugabanya ku budde bwe, okusobola okuzimba ekifo we basobola okubeera nga basinza, kyansukkako okukigumiikiriza. N'olwekyo ow'Oluganda George nange twegatta ne tusalawo nti tusigale tuzimbe ekkuŋŋaaniro.

Era ekkuŋŋaaniro bwe lyazimbibwa, kye faanaanyiriza… Amakya ge nnawongayo Ekkuŋŋaaniro, okwolesebwa kwajja, okwo okuwandiikiddwa mu jjinja awo, awo Omwoyo Omutukuvu bwe Yaŋŋamba nti, "Lino si ly'Ekkuŋŋaaniro lyo." Mulaba? Ne mbuuza wa Ekkuŋŋaaniro lyage we lyali, n'Antuuza wansi

w'obwengula obutangaavu obwa bbulu. Era awo n'Agamba nti, "Kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri," n'ebirala, nga bwe mumanyi. Kyawandiikibwa ne mu bitabo.

7 Era ebyo byonna nga biteekeddwa. Era olunaku lumu bwe nnali nsaawa omuddo n'akuuma akasaawa eyo ow'Oluganda Woods gy'abeera kaakati, ne nnazaala wange yali abeera eyo mu kiseera ekyo; Nnatuula ku ddaala ly'emabega, amadaala amakadde ag'enkokoto, ge nnali nzimbidde mu kifo kino ekitono ekya nnyazaala wange. Era ye yali alabirira ekkanisa mu kaseera ako, ng'agirongoosa. Eddoboozi ne lyogera nange nga liwulikika bulungi ng'omuntu yenna bw'ayinza okwogera, lyagamba nti, "Sisobola kukuwa mukisa kasita osigala wano. Olina okweyawula okuva eri abantu bo n'ekifo kino." Kale. nze, ekyo kyankutulakutulamu, okumala wiiki oba okusingawo.

8 Bulijjo, ekiseera kyonna, wabaddengawo ekindabula, "Vva wano; vva wano. Tambula ogende Ebuvanjuba. Weeyongere okugenda mu maaso Ebuvanjuba." Kale, nze…bulijjo kinteganyizza. Era nga kirabika nga buli kiseera…

Kaakati, nnali nkitangaazizza bulungi mu ndowooza yange nti wiiki eno nnali wa kulinnya ennyonyi ŋŋende e Tucson, gye nnali ŋŋenda okupangisa ekifo okubeera eyo mu biseera by'obutiti bino, okuteeka abaana mu ssomero, okutandika mu gw'omwenda. Ekifo nnakirina. Waliyo n'ekifo ekyampeebwa eyo. Naye waliyo ekintu ekimu ekya…Era-era bwe mbeera nga ŋŋenze…

9 Ekintu ekirala kye nnandiyagadde okwogera. Nga tetunnazimba nnyumba engulu eno, ey'obuweereza w'eri kaakati nnali ssaagala kugizimbawo. Nnazaala wange yali akaddiye. Era mukyala wange n'akikaabira; yagamba nti, "Sisobola kuleka maama wano, nga nkimanyi nga mukadde, era ng'ayinza n'obutalabiririrwa bulungi." Kale, ekyo nnakitegeera. Nkitegeera. Oyo ye maama we, era maama yekka gwe yali abadde naye, oba gwalibeera naye. N'olwekyo ekyo nnakitegeera. Kale nna-nnasaba eri Mukama; Nnagamba nti, "Mukama, olw'okuba nti ekifo sikyagala," Nnagamba nti, "Mmatiza. Nja kugenda wonna gy'Onjagala ŋŋende, awantu wonna. Naye ssaagala kunyiza mukyala wange, okumuggya wano, okumutwala mu ggwanga eggwira eyo gy'atalina muntu n'omu gw'amanyi. Era awo ekiseera kyonna ŋŋende bwe ntyo bwe ntyo. Mmatiza bumatiza okubeera naye wano." Olwo nno maama we bwe yatwalibwa, ng'agenze mu kitiibwa, awo okuyoya okw'okugenda ne kukomawo nate. mulaba, kaakati okugenda mu maaso. Simanyi kiki eky'okukola.

10 Awo nno, olunaku lwa luli enjigiriza eno ab'oluganda gye baali batandiseewo, nnayimirira ku kituuti omulundi ogwasembayo bwe nnali wano ne mbagamba nti sijja kubeera mu kisaawe kya njiri kasita ekyo kibeera nga kigenda mu maaso. Bwe kityo ab'oluganda mu kisa ekyo kyonna baagigolola. Kyonna kyatereezebwa. Mu ssaawa abiri mu nnya, kyali kiweddewo.

Ekyo kaakati kinzigulirawo ekisaawe ky'enjiri nate. Simanyi kiki eky'okukola. Simanyi kkubo ki ery'okukwata. Nsabye Mukama okwolesebwa. Mmusabye okumbuulira kiki eky'okukola. Naye Andeka bulesi kutuula.

11 Kaakati, ekiro ekyayise bwe nnaggyeewo abato bonna, mukyala wange ne bonna okuva mu nnyumba, nneeyamye eri Mukama Katonda ne ŋŋamba Mukama Katonda nti, "Singa Onampa omukisa mu kkubo lye ŋŋendamu, nja kukuweereza Ggwe. Naye Ojja kuba Olina okundaga wa gye ndaga, na ngeri ki gye ŋŋendamu, na kiki eky'okukola." Bwe ntyo ne nneewaayo eri Mukama. N'obuweereza ne byonna, nnabiteeka eri Mukama. Ne ŋŋamba nti, "Wonna w'Oggula, kyonna ky'Okola, nja kutambulira mu ekyo. Okutuusa ng'Otaddewo ekkubo, nja kumala geeyongera mu maaso nga bwe ndi okutuusa ng'Otaddewo ekkubo." Era ne mmusaba Ye okukifuula ekirabikira ddala obutalimbibwa, kuba mazima nzikiriza nti tuli mu masaŋŋanzira ag'ekintu ekigenda okubeerawo.

Nnakiwulidde nga kiragulwa enkya ya leero wano ow'Oluganda Neville, oba ng'abuwa, awo wennategeredde nti bw'abadde bunnabbi bwe yabadde ajulizaako. Kaakati, n'olwekyo, mbasabidde mmwe mwenna, era mbeetaaga mmwenna munsabire, kibeere nti Omwoyo Omutukuvu Ajja kunkulembera wennyini we nteekeddwa okugenda, kiki kye nteekeddwa okukola, nneme okukola ensobi.

12 Mulaba, ebiseera bingi abantu balowooza nti ekirabo ky'obunnabbi, nti Katonda Amala gagamba nti, "Nja kukulonda wano, nkutuuze wano. Kaakati, ggwe genda butereevu wano." Ye Takugamba ebyo byonna, Bw'Akikola, olwo kukkiriza ki okw'obuwanguzi kwe walina? Mulaba? Mulaba, mmwe, Akuleka n'oyimirira wekka okusinga omulala yenna. Mulaba? Mwenna musobola okujja gye ndi ne munsaba ebintu ebimu, era Ye tannalemererwa wabula ng'Akuwadde okwanukulwa. Ekyo kituufu. Weewaawo. Naye nsobola okumusaba Ye ebintu nze mwennyini, era ebiseera ebisinga Andeka nzekka, mulaba, n'Andeka okugenda mu maaso ne nkitambuliramu.

Nnina ebintu kaakati bye nnina okutereeza nze mwennyini, n'okusalawo kwe nnina okukola. Era kino kya mugaso nnyo, okutuusa nga sisobola kukukola ppaka nga nkakasaizza nti Ye y'Ayogera gyendi. Era nze-nze…Tajja kumpa kwolesebwa. Andeka bulesi nzekka. N'olwekyo ntudde nga mulekwa, ng'amakya gano, simanyi kkubo lya kukwata. Bwe kityo nkitadde eri Mukama.

13 Olwo nno mu kuloota ekyo, nnawulira nga nteekeddwa okukomawo wano eri ekkuŋŋaaniro nnyambeko ow'Oluganda Neville okutuusa nga waliwo ekirala ekituuseewo mu lugendo…Kale nja kubeerawo.

Nnabuuzizza ow'Oluganda Neville akaseera akayise nti, "Ekkanisa ebadde etambula etya?" N'agamba nti, "Bulungi."

Era kale mpulira nti mukyalina ebirabo eby'omwoyo n'ebintu mu mmwe, ebiri mukukola, ebirabo by'obunnabbi, n'okwogera mu nnimi, n'okuvvuunulwa kw'ennimi, kwe twakawulira akaseera akayise. Era ebintu ebyo bizimba ekkanisa, ate nnyo.

14 Wabula nnalowoozezza, oboolyawo ekiro kya leero nnyinza, ow'Oluganda Neville bw'aba…Omwoyo Omutukuvu bw'Atatukulembera mu kintu eky'enjawulo, olwa leero nnandiyagadde okuba na…Mwenna mmwe, nga temunnagenda enkya leero, muwandiike ekibuuzo mukiteeke wano, ekibuuzo ekiri mu ndowooza yo, tusobole okuzuula ekkanisa kiki ky'erowooza. Eyo y'engeri abasumba gye balina ey'okuzuulamu ekiri ku mitima gy'abantu. Era buli omu ku mmwe n'ekibuuzo, okiwandiike era okiteeke wano waggulu. Bw'otaba na lupapula nkya ya leero oku-okukiwandiikako, olwo kiwandiike nga bukyali ekiro kya leero. N'olwekyo, nnandiyagadde okuba n'obudde obungi nga bwe nsobola okubitunuulamu era mbaanukule okusinziira ku Byawandiikibwa.

15 Awo Katonda ng'Ayagadde, bwe kuba okwagala kwa Katonda; mbaddeko kye njogeddeko wano ebbanga ssi ddene, nti nnandiyagadde okwogerako nammwe ku Nvumbo Omusanvu ezisembayo eza-ez'Okubikkurirwa. Kaakati, bwe tuba…Guno omwaka nnyinza obutaziyitamu kuzimalayo Envumbo ezo zonna, kubanga kitwala okuva mu ssuula eyo 6 ey'Okubikkulirwa, okuyita mu ssuula eye 19 okumalayo Evumbo ezo. Wabula ezisooka essatu oba ennya ku zo kisoboka okuzaanukula mu kiro, ndowooza, buli Nvumbo ng'etwala ekiro kiramba.

16 Kaakati, bwe tutegeera mulaba, awo we twakomye wennyini ku ekyo Kitabo ky'Okubikkulirwa, awo Ekkanisa bwe yatwalibwa mu Kitiibwa, olwo ekiba kisigalidde kukolagana na Bayudaaya, si na Kkanisa n'akamu. Kukolagana na ggwanga ly'Abayudaaya. N'olwekyo, tulina okuddayooko emabega ku Kukwakkulibwa kw'Ekkanisa, era okutwala…Tulabe wano kiki ekituukawo mu Nvumbo ezo n'ebiseera by'Ekkanisa y'Abamawanga. Ekkanisa okubeera ng'egenze; era n'eggwanga lya Isiraeri eddayo emabega n'ekima Isiraeri okuva ku kiseera awo we yaviirako, okudda mu biseera eby'omulembe; n'Okujja kwa Masiya, bwe banaayaniriza Masiya.

Kaakati mukifuna? Ekkanisa etwalibwa waggulu. Katonda Yasooka kukolagana na Kkanisa, Emirembe gy'Amakanisa. Ekyo twakitutte. Awo Ekkanisa n'etwalibwa waggulu mu Kitiibwa. Olwo Omwoyo Omutukuvu Addayo emabega n'Akimayo Israeri, ng'eggwanga. N'Alireeta wansi okutuuka wano, eky'Eggulo ky'Embaga ey'Obugole nga kigenda mu maaso, era awo n'Abakomyawo nate ku nkomerero y'ebiseera ebyo. Nja kuba n'olubaawo lwange waggulu, nsobole okukikuba mu kifaananyi n'okukisomesa, ng'ekiseera kituuse. Awo Mukama n'Akomawo n'Omugole, ne Israeri n'emulaba. Era, oh, nga kinaaba kiseera!

17 Kaakati, nga tetunnaba kukikwasaganya bulungi, waliwo eky'okuyigako ekikulu ekikaluubirira abakugu mu magezi ga Baibuli, n'abasomesa bangi okuyitira ddala mu mirembe, n'abantu b'Ekkanisa ya Church of Christ, n'abo abagenda okujja okuwulira kino, ezo, ze Ssabiiti Ensanvu eza Danyeri. Tulina…Tetusobola kweyongerayo mu Kubikulirwa okutuusa nga tukwasaganyizza Omugole ne Isiraeri wamu ne Ssabiiti Ensanvu Eza Danyeri. Oboolyawo, Katonda ng'Ayagadde, kibeere nti bw'Anayogera nange mu maaso, okwogera ku zimu ku zino Ssabiiti Ensanvu…oba si Ssabiiti Nsanvu, wabula Envumbo Omusanvu ezisembayo. Awo Ssande eddako, nja kugezaako okutwala Ssabiiti Enzanvu eza Danyeri, Ssande eddako, Mukama ng'Ayagadde. Era olwo ekyo kijja kutuggulirawo, bw'Anatukulembera, okutandika ku birala. Lwaki, tujja kuzuulira awo n'okugenda mu maaso.

18 Ow'oluganda Neville nange tujja kubeera nga tukolera wamu ku kino, era nga tukola buli kimu kye tusobola olw'abantu okuganyulwa.

Kaakati, okuddayo kko emabega buli mulundi, tusabira abalwadde; bulijjo tusanyuka okukikola ekyo. Era kyenkana nja kukikola mu buli lukuŋŋaana, abantu bwe babeera abalwadde, okubasabira.

Ssiyaayaanira kuba na kwawula myoyo kwonna. Mulaba, kaakati, kiikino ekituukawo. Ngezezzaako. Era mmanyi nkoze ebikyamu; naye ngezezzaako okubeera okumpi ddala ne Katonda, ekiseera kyonna ne Katonda; y'eyo engeri okwolesebwa kuno gye kusoboddemu okutuukawo, engeri gye kusobodde okubaawo. N'abantu basobola okubulwa ebintu, ne bankubira, ne bansaba okugenda okusaba eri Mukama, okumubuuza wa we biri. Nga Yese ennyumbu ze bwe zaabula, era abalenzi ne bagenda okuzuula nnabbi, n'ebirala bwe bityo. Ekyo kituufu ddala. Naye kisukkirira, abantu bangi…si wano we tubeera bwe wati, kya nsi yonna. Mulaba? N'olwekyo kindeetera, kinkooya nzenna, n'obeera ku bunkenke ekiseera kyonna, okutuusa nga kituuse mu kifo.

19 Era ekyo kye kyaleetera ab'oluganda okutandikawo enjigiriza, nti nze ndi Mukama Yesu Kristo Ayambadde omubiri. Era tukimanyi nti ekyo kisobola okuyuzaayuzamu Obuweereza, n'okuleeta ekivume eri Kristo na buli kimu. Mulaba? Bwe kityo eyo y'ensonga lwaki nnalina okubayuuya bakikomye bunnambiro, okubaleetera okumanya nti ekyo tekyali kya Katonda; ekyo kyali kya Setaani. Mulaba? Era bantu balungi. Era kyalaga nti abantu abo baazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda, kubanga bwe baalaba Amazima okuyita mu Kyawandiikibwa, baakyuka ne badda eri Katonda, ddala mulaba, mangu ddala. N'olwekyo, ekyo kyalaga nti yali Setaani ng'agezaako okubaako ky'akola n'abantu; bonna baali bantu abatya Katonda, abantu Abakristaayo.

20 Era kyaleetera bangi ku bo okuŋŋamba nti, "ow'Oluganda Branham, tulina obwesige bungi mu ggwe kaakati okusinga bwe twali tubadde nabwo."

Kubanga, mulaba kiki kye nnandikoze n'ekirabo Katonda ky'Ampadde? Okusuula eggwanga wansi w'ebigere byange, oba, abantu. Kye tuyita eggwanga si ye "kosmos" abajaasi n'ebirala. ntegeeza Abakristaayo, abakkiriza abannamaddala, abo be ba…Twogera ku ggwanga, twogera ku bantu "abazaalibwa omulundi ogw'okubiri," ekyo kye twogera ku ggwanga. Si buli muntu wabweru wano, abo abagwagwa ennyo era obukyafu bwe tubeeramu mu nsi, eyo-eyo nfuufu bufuufu ey'ensi efuummuuka. Njogera ku Abakristaayo abazaaliddwa omulundi ogw'okubiri, abantu Abakristaayo abannamaddala.

21 Nninda omuntu okumbuuukira nate ku kintu ekimu. Omuntu omu yajja gyendi ebbanga ssi ddene n'agamba nti, "Ekirowoozo kye nnyini ekya Kristo okuwandula kwe ku ttaka n'amalusu ge, okukolamu kkeeki okusiiga ku maaso g'omuntu omu." Yagamba nti, "Nga kyali kyabugwagwa, kya bujama eri Ye okuwandula, n'amalusu Ge okuva mu kamwa Ke. Nga tekyali kyabuyonjo, okuwandula mu ttaka, n'akola obudongo okubuteeka ku maaso g'omusajja." Nnagamba nti, "Naye yakomawo ng'alaba." Mulaba, ky'ekyo.

Era omusajja oyo y'omu! Baggulawo ensiisira gye babeerera obukunya eyo ng'ewange, mumanyi, ekidiba ekisime we bawugira. Era-era omusajja oyo alina tikiti eya buli mwana we okugenda wansi eyo ne bawuga mu kidiba ekyo. Era ye ne mukyala we nabo bagenda mu kidiba ekyo. Munsonyiweko, bannyinaze. Naye awo abo abakazi nga bali eyo mukuwuga, nga bali nga kikumi ku bo, oba babiri, buli lunaku; abakazi, obugwagwa obwo bwonna n'ebintu, n'abakazi leero, era n'okunaaba mu mazzi ago, obugwagwa obwo n'obujama mu bumwa bwabwe, n'okubumira, nga bwe bawandula n'okuwandula ebweru. Mmwagala ambuukire, mulaba.

Baagamba nti, "Singa-singa Kristo Abadde mulamu leero, bandimukutte Ye olw'ekintu ekyo ekitali kya buyonjo."

Ate ekyo? Nkakasa mufuna kiki kye ntegeeza. Bagendera ddala mu kidiba ekyo ekiwugirwamu, era bangi ku bo nga balina endwadde, abalina kabootongo, enziku, na buli kintu kyonna ekirala, ddala munda omwo. Era ng'ogiwanda okuyita mu kamwa ko, na buli kimu bwe kityo, nga banaabira omwo bwe batyo. Era mazima ddala ekyo kya buyonjo?

22 Kale nno, oh, abange, olunaku luno lwe tulimu, ow'oluganda, mwannyinaze! Kiseera kya Kujja kwa Mukama! Ekkanisa erina esuubi limu: okwo kwe Kujja kwa Mukama.

Kale, sisobola kuyimiriza bintu ebyo; tewaliiwo bwetaavu. Baibuli yamala dda okubiteebereza nti bijja kubaawo. Nze sisobola kubiyimiriza. Wabula njagala eddoboozi lyange likwatibwe mu Ggulu, nti nnali nkiwakanya. Ekiseera bwe kinajja eky'Omusango. Nti nnali nkiwakanya.

Nkyakkiriza nti Baibuli eno ky'Ekigambo kya Katonda. Awo nno tewaliiwo kintu kirala mu nsi, ekigiwakanya, ekiyinza okugiyimiriza. Naye Baibuli eno wano, gano ge Mazima, kino Kigambo kya Katonda. N'olwekyo leka tuwanike amatanga gaffe, era tusuule ennanga ku lubalama olw'eddembe olw'ekiwummulo. Era-era tusobole okuseeyeeya nga bwe tugenda enkya awantu awamu, naye kaakati leka tusuule busuuzi ennanga era tuwulirize Eddoboozi lya Kitaffe ali mu Ggulu nga bw'Ayinza okwogera gye tuli okuyita mu Kigambo Kye, twesiga olwa leero.

23 Era kaakati ekiro kya leero, tegeka buli kibuuzo kyonna ky'olina. Kaakati, si kintu ekigenda okubaako gwe kirumya. Ekyo bw'okikola, awo ekyo…Ekisooka ekyo siyinza kukyanukula, mulaba. Naye mmwe, ekintu ekirala kigamba nti, "Kale, kaakati, bwe mbaako ekintu ekimu kye nkola, Katonda ky'Atugamba okukola? Oba, mumanyi, ebibuuzo ebitono ku mitima gyammwe. Oba, "Tulina ebirabo ebiri naffe, ow'Oluganda Branham, era tuteekeddwa kubikozesa mu ngeri eno oba mu ngeri eyo? Oba, kiki kye tuteekeddwa okukola?" Ekintu kye nnyinza okubaddamu okuyita mu Byawandiikibwa, mulaba. Baako ekintu ekitono ky'owandiika. Nja kubeera musanyufu. Era bwe watabeerawo yadde, olwo nja kutwala eky'okuyigako ekimu mbuulire gye muli ekiro kya leero, Mukama ng'Ayagadde. Eno Ssande, era mbadde…

24 Ssande ewedde nnasimbula okugendako ew'Owoluganda Cauble. Era ne mpulira ekide ky'ekkanisa kino nga kivuga, era ne ntambula butambuzi okukkirira eyo mu kisaawe. Nnali siyinza kukyebeera. Kyali ekyo. Nnabawulira, kale nna-nnalina okujja wansi.

N'olwekyo kaakati, leka tukoteke emitwe gyaffe twogere eri Eyatukola, era awo okuyita mu kusaba.

Waliwo alina eky'okusabira eky'enjawulo? Wanika buwanisi emikono gyo, gamba bugambi nti, "Nze…" Kimanyise. Katonda Amanyi kiki ekiri ku mutima gwo. Kaakati kuumira bukuumizi eky'okusabira kyo ku ndowooza yo.

25 Katonda Omutukuvu ennyo, Eyatonda Eggulu n'ensi n'Ekigambo ky'akamwa Ko, n'ebirowoozo by'endowooza Yo. Tujja mu Kubeerawo Kwo, okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo, okukwebaza Ggwe olwa byonna by'Otukoledde. Era tuli basanyufu gy'Oli, Mukama, enkya ya leero okumanya we tuyimiridde, okumanya ekifo kye tulimu enkya ya leero, n'ebyafaayo by'ekiseera, n'eby'omu maaso ebijja. Nga tumanyi olwa leero, nti olw'ekisa kya Katonda, tunaaziddwa mu Musaayi gw'Ekalivaaliyo, nti twetegese, n'okukkiriza mu mitima gyaffe okumusisinkana Ye bw'Aba ateekeddwa okujja leero. Tuteekeddwa n'okugamba nti, "Jjangu mangu, Mukama Yesu."

Era tulaba ekibi nga kyetuuma, okutuusa bwe kirabika nti ensi etagalira wansi wa kibi. Engeri okunywa omwenge n'okuzannya zzaala okwo, wamu n'okunywera omwenge mu kirindi nga bwe bakuba embeekuulo era n'obuseegu, era, Ayi Katonda, obugwagwa, obujama n'obukyafu bw'abantu. Era engeri bo, singa basobola okukizuula, Mukama! Abantu abo abambala bwe batyo mu ngoye ezo ezitali za Bwakatonda, ate ne bafuluma ebweru ku nguudo, bakizuula nti tebalina kye bali wabula ebiwuka obuwuka n'enfuufu, nti oboolyawo mu wiiki endala ebiwuka bijja kuba nga birya omubiri ogwo gwe bagulumiza ennyo? Basobola okukizuula nti kalusejjera kajja kugulya, n'emmeeme yaabwe ejja eribeera eyo emitala mu Butaggwaawo awatali Katonda, awatali Kristo, nga terina ssuubi, ng'ebulubuutira mu nnaku etayogerekeka, okubeera nga ezikirizibwaku lw'Okujja Kwe? Ayi Katonda, tuwe amaloboozi aga-ag'okulabula, nti tusobole okulabula buli mmeeme ku bulabe buno bwe twolekera.

26 Beera naffe leero era otuwe ebigambo by'amagezi, nga Sulemaani olunaku olumu bwe yagamba mu Mubuulizi, nti tuteekeddwa okubeera "abazimbi ab'amagezi," nti tujja kubeera "abasumba b'ekibiina kino." Era tusaba, Mukama, nti nga bwe tunoonya ebigambo eby'okwogera ebisobola okubeera emirimu egy'ekikugu egisobola okukwata omutima oguli mu bwetaavu ennyo wano enkya ya leero.

Olwa leero tetuzze kukuŋŋaana wansi w'akasolya kano akookya, okulabibwa obulabibwa, wabula tuzze wano kubanga tukwagala Ggwe, kubanga tuyaayaana okuwulira okuva gy'Oli. Oli Mwagalwa waffe gwe twagala, era tuyaayaana okuwulira Ebigambo ebiva gy'Oli. Tuli basanyufu nnyo olw'ekyo kye tumaze okuwulira. Kijja kusigalira ddala naffe. Kaakati, Tuwe omugabo gw'Olina ku lwaffe leero, nga bwe tukulindirirako Ggwe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu, ne ku Lulwe Ye. Amiina.

27 Kaakati, kiri… [Mwannyinaze ayongera mu lulimi olulala. Ow'oluganda awa okuvvuunulwa -Omuk.]

Tuli basanyufu nnyo olw'okuyimusibwa kuno okuva eri Omwoyo, batugamba era batulabula okutunuulira Ebigambo oba oli awo Omwoyo Omutukuvu by'agenda okwogera naffe leero. Era tetumanyi kiki ky'Alina mu tterekero ku lwaffe, naye tumanyi nti wateekeddwa okubeerawo ekintu ekimu ekyo ky'Agenda okuleeta. Oboolyawo ekibuuzo kiri ku ndowooza yo, nti Ajja kukyogera okuyita omwo. Ayinza okukyogera okuyita mu Bubaka enkya leero. Olwa leero Ayinza okukyogera mu kusaba. Ye, awantu awamu mu lunaku lwa leero, Agezaako okukikola, kiringa Alabula omuntu omu okukwata Ekigambo.

28 Kaakati, okukyukira Ekigambo ekyawandiikibwa, leka tugende mu Kitabo ky'Okuva, olw'okuyigiriza kw'essomo lya Ssande Sukuulu.

Mulina Okusaba okw'okubatiza? [ow'Oluganda Neville agamba nti, "Nedda, okuggyako nga zimaze kuwera ssaawa kkumi na bbiri ez'akawungeezi ka leero." -Omuk.] Nedda. Okusaba kw'okubatiza ku ssaawa kkumi na bbiri akawungeezi ka leero.

29 Leka tugende mu ssuula eye 17 mu Kuva, era tutandikire ku lunyiriri olwo 5, nzikiriza, ennyiriri 5 ne 6 ez'essuula eye 17 ey'Okuva.

*Mukama n'amugamba Musa nti Yita mu maaso g'abantu, otwale wamu naawe ku bakadde ba Isiraeri; n'omuggo gwo, gwe wakubya omugga, ogukwate mu mukono gwo, ogende.*

*Laba, nze naayimirira mu maaso go…eyo ku lwazi ku Kolebu; naawe onookuba olwazi, amazzi ganaavaamu, abantu banywe. N'akola bw'atyo Musa mu maaso g'abakadde ba Isiraeri*.

Kaakati bwe mbeera wakutuuma guno omutwe gwa Ssande Sukuulu, nnandiyagadde guno okugutwala nga eky'okuyigirizaako eky'essomo lw'enkya ya leero: "*Amazzi Agabeerawo Bulijjo Okuva Mu Lwazi*."

30 Tumanyi nti Isiraeri bulijjo ebaddenga kya kulabirako eky'ebyafaayo eky'ekkanisa. Kubanga, Isiraeri baali bantu ba Katonda okutuusa bwe baava e Misiri, olwo ne baba ekkanisa ya Katonda kubanga baali baawuddwa ku balala ab'ensi

Era twayawulibwa okuva ku b'ensi, awo ne tufuuka ekkanisa. Naye kasita tuba nga twetabudde n'abalala ab'ensi, olwo tubeera tetuli mu kkanisa. Kaakati, nneesiga nti ekyo kigendera ddala mu buziba,

kikwate ekifo kyakyo. Mulaba, tetuli kkanisa okutuusa nga tweyawudde okuva ku nsi. Nga tweyawudde, muve mu bantu abatali balongoofu, temukwatagana nabo, era temussa kimu na bibi byabwe. Temwegattanga na batakkiriza, naye mweyawule okuva ku bintu by'ensi.

Era Isiraeri bwe yali mu Misiri, baali bantu ba Katonda. Olwo bwe baayitibwayo, oba bwe baafuna okuva, okufulumayo, awo ne bayitibwa ekkanisa, kubanga lwali olwo bwe beeyawula okuva ku balala ab'ensi.

31 N'ekigambo kyennyini "kkanisa" kitegeeza "abaayitibwayo" okuva, "kufulumayo." Buli omu ku ffe, ng'Abakristaayo, abadde n'okuva mu bulamu bwaffe. Tulina ekiseera bwe twayitibwayo okuva mu bannaffe olumu be twakolagananga nabo, okuyitibwayo okuva mu bantu abo olumu be twassanga nabo ekimu, ne tufuuka abantu ab'enjawulo, okutambula ng'abantu ab'enjawulo abakola mu ngeri ey'enjawulo era aboogera mu ngeri enjawufu. Kwali kuva mu bulamu bwaffe.

Eky'okulabirako ekirungi Isiraeri kye yatuwa, Katonda bwe Yabayita okufulumayo. Baalina okuva, ne bafuluma okubavaamu abantu b'ensi, ne bafuuka eggwanga eryeyawudde, eri Katonda, abantu ab'enjawulo. Baatambulira wansi w'ebisiikirize eby'entebe ey'okusaasira. Baabeerawo era ne batambula n'Empagi Ey'omuliro ey'amaanyi. Katonda n'abaggya mu Misiri, okubatuusa mu nsi gye Yali Asuubizza.

32 Era, mu kuva kuno, baaweebwa omukulembeze ow'omwoyo, omukulembeze, oyo nga yali Musa, nnabbi ow'amaanyi eyafukibwako amafuta oyo-oyo yali nnabbi w'amaanyi. Yali musajja atya Katonda, yazaalibwa nga musajja atya Katonda. Katonda Yamuyita okuva eri maama we, n'ekiseera ekyo nga tekinnatuuka; Katonda Yamwawula n'emisingi gy'ensi nga teginnabaawo, okubeera omukulembeze eri omulembe ogwo, okuleeta okuva kuno eri abantu.

33 Wano ekiseera ekiyise, nnayogera eri abaana abato wano mu kkuŋŋaaniro, era nnalina eky'okuyigirizaako ekitono gye bali; ne mbanyumiza, oba ne mpa okunnyonnyola okutono ku ngeri Yekobedi, engeri gye yasabamu, ye ne Amulaamu, taata wa Musa, okubaako ekikolebwa okununula abantu. Era Amulaamu bwe yalaba okwolesebwa kwa Katonda ng'Ayimiridde, oba Malayika, ng'Asonze mu mambuka, ng'amugamba ekyali ekigenda okubeerawo. Awo Musa omuto n'azaalibwa. Era tebaatya biragiro bya kabaka, oba okutiisibwatiisibwa. Baamanya nti Katonda yalina omukono Gwe ku Musa, era ekyo kyali kimala. Ekyo bwe kiri. Sinsonga kiki kabaka kye yayogera, kiki ensi ey'ebyobufuzi bye yayogera, kiki ekirala kyonna kye kyayogera, baamanya nti Katonda Yalina omukono Gwe ku Musa. N'olwekyo tebaatya kumuteera ddala wakati mu ziggoonya; bwe zaali zonna nga zigejjedde ku baana abato Abaebbulaniya, eyo gye baabalisizanga ggoonya. Ate nga Musa yateekebwa mu kabaya akatono n'asindikibwa butereevu mu ziggoonya, mu zo ddala. Kubanga, tebaalina kye baatya kyonna; baamanya nti Katonda Yalina omukono Gwe ku Musa.

34 Kale, kaakati, singa tumanya bumanya ekintu ky'ekimu ekyo, nti Omukulembeze waffe ow'amaanyi, Omwoyo Omutukuvu, Katonda Amutumye Ye, era ye Mukulembeze waffe. Olwo sinsonga kiki ensi ky'egamba, na ngeri ki gye bakusekereramu era n'okukujerega, tugoberera Mukulembeze waffe! Katonda Yatuma Omwoyo Omutukuvu okuba Omukulembeze waffe. Mulaba? "Ebula ekiseera kitono ensi obutandaba nate. Ate mmwe mujja kundaba Nze, kuba nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." N'olwekyo, Omukulembeze waffe ow'amaanyi Ali naffe, Omwoyo Omutukuvu. Kaakati, tuteekeddwa okumugoberera era ne tukola nga bw'Agamba okukola. Era Omukulembeze ono Talituggya mu kkubo, Ajja kutukuumira ddala mu kkubo ly'Ekyawandiikibwa ekiseera kyonna. Wabula taligenda ku luuyi olumu olw'ekintu ekimu, n'oluuyi luno olw'ekintu ekirala. Ajja kusigalira ddala butereevu mu kkubo ly'Ebyawandiikibwa.

35 Era Musa yalina ekkubo lye yalina okuyisaamu Isiraeri, olwo n'agoberera ddala okwetooloola Ennyanja Emmyufu, okwetooloolera ddala Yoludaani, okutuukira ddala mu nsi ensuubize, okuyitira ddala mu lukoola. Teyali Musa eyava mu lunyiriri. Teyali Katonda eyava mu lunyiriri. Baali bantu abaava mu lunyiriri ekyo kye kyaleeta omutawaana. N'olwekyo leka tulowooze ku bintu bino kaakati. (Munsonyiweko)

Musa, omukulembeze ono eyafukibwako amafuta…Ku nkomerero, bwe yali alaze abantu n'obubonero n'ebyewuunyisa, nti Katonda Yekka y'Asobola okukola…Yakola obubonero buno n'ebyewuunyisa mu maaso g'abakadde ba Isiraeri, era ne mu maaso ga Isiraeri, okutuusa bwe baamatizibwa nti Musa ono ye yali eyafukibwako amafuta eyali ow'okubafulumya mu nsi eno okutuuka mu nsi eyo ennungi gye baali basuubiziddwa. Kaakati bwe baalaba ebintu bino eby'amaanyi ebyo Musa bye yakola mu Linnya lya Katonda, baali beetegefu okumugoberera. Era n'abafulumyayo, n'abakulembera okuyita mu Nnyanja Emmyufu, ne basomoka nga bayita ku ttaka ekkalu, era okutuuka mu lugendo lw'omu lukoola, ekitegeeza ekiseera ky'okugezesebwa.

36 Omuntu bw'afuna Kristo ng'Omulokozi w'obulamu bwe, buli kimu kibeera ku kasolya ka nnyumba. Wabula, omuntu ono nga tannaba kujja mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; omuntu ono, ateekeddwa okusooka okufuna enkola ey'okutukuza. Ateekeddwa okubeera n'ekiseera eky'okugezesebwa mu bulamu bwe. Mmwenna mwakirina. Yalina ekiseera kino eky'okugezesebwa. "Buli mwana ajja eri Katonda, asooka kukubibwa okukangavvulwa, okubonerezebwa. Era bwe tubeera nga tetusobola

kugumira kubonerezebwa, olwo kiraga tetuli baana ba Katonda; tuli baana abeeboolereze, era si baana ba Katonda," Baibuli bw'egamba. Naye bwe tugumira okukaangavvulwa, nga tumanyi nti "eri abo abaagala Katonda ebintu byonna bikolebwa wamu ku lw'obulungi," olwo nga tuli batabani era bawala ba Katonda; olwo Atuteekako Envumbo n'Omwoyo Omutukuvu okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa. Mulaba, okwo kwekukangavvulwa, okunyigirizibwa, by'ebintu bye tuyitamu. Era Isiraeri, ekifaananyi eky'ebyafaayo, yalina okutwala okukangavvulwa kuno.

37 Kaakati, bwe baali wansi eyo mu Musiri, ne Katonda n'Atuma Musa. N'agolola omuggo, enkukunyi n'ensekere ne bijja ku nsi…Yagugolola eri enjuba, era n'egwa, Yagugolola ku mazzi, ne gafuuka omusaayi. Lwaki, Isiraeri yali mu Kanani eyo mu-mu Goseni, nga balina akaseera ak'ekitiibwa; enjuba teyagwako; ebibonyobonyo tebyabakubako; lwaki, baali bali mu kufuna kiseera kya kitiibwa!

Nga ggwe bwe wakola bwe wali waakalokoka. Buli kimu, ebinyonyi byayimba mu ngeri ey'enjawulo, na buli muntu yali mulungi. Era, oh, abange, engeri buli kimu gye kyali ekisuffu nga ky'ojje olokoke. Awo ekiseera ky'okugezesebwa ne kijja, okukangavvulwa, okiseera eky'okutukuzibwa, nga weetukuza ggwe okuva ku bintu by'ensi, "mwambulenga buli ekizitowa eky'egatta nammwe mangu," Basajja mmwe, mwalina okulekera awo okufuuweeta kwa ssigala, okuyimiriza okunywa kw'omwege, okuyimiriza okugenda kw'omu kisenge gye bazannyira omuzannyo gwa pool, obubaga bwo obw'ekiro. Ebintu ebyo byonna, walina okwetukuza ggwe okuva gye biri, okuyita mu kukkiriza mu Musaayi gwa Yesu Kristo. Nga weetukuza. Bakazi mmwe mwalina okuleka enviiri zammwe okukula, muwanvuye ebiteeteeyi byammwe, era mweyise mu ngeri ey'enjawulo okusinga ku kye mwali. Ekiseera kya kutukuzibwa! Emirundi mingi baayinzanga okujeema era ne badda ennyuma; kale, oyo si mwana wa Katonda, mulaba. Omwana wa Katonda atunula buteerevu e Kalivaaliyo n'amanya nti kiri ku lwa bulungi bwe.

38 N'olwekyo olwo enkola eyo ey'ekiseera, awo okugwa okw'amaanyi bwe kwajjira mu Isiraeri. Ng'ekiseera kino eky'amaanyi eky'okwenyigiriza nga kituuse, awo abantu baatandika okugwa okuva ku luuyi olumu okudda ku lulala. Awo mu kwegeyaageyaamu kwabwe "Kale, tugamba nti singa tubadde tuzzeeyo eyo wansi mu Misiri. Emmeeme zaffe zeenyiyiddwa omugaati guno." Ekitegeeza, kaakati bwe mba wa kukitwala mu ngeri ey'ebyafaayo, ky'ekyo kye baagamba.

Kaakati ennaku zino, kyandibadde nti, "Oh, buli Lwakusatu ekiro, lukuŋŋaana lwakusaba. Buli Ssande kumakya, kudda ku kkanisa! Kiki kye tuwulira? Ekintu ky'ekimu; omubuulizi ayimirira n'abuulira; ennyimba; ne baddayo." Mulaba, awo otuukiriza mukolo. Toli musinza. Omusinza agenda eyo kusinza, okweraga ye mu maaso ga Katonda, okusinza Katonda olw'obulungi Bwe; era buli Kigambo, akyekwatako.

39 Nga eby'omukwano. Bw'oba ogenda n'omuwala kubanga wamanya nti bwali buvunaanyizibwa, oba ng'ogenda n'omulenzi, bwe wali muto… "Maama ayagala ŋŋende n'omusajja ono, naye nze sisobola kumugumiikiriza." Tolina ky'omufunako okujja akulabe. Oba, singa kibeera nga y'engeri y'emu ku muwala eri omulenzi, oba omulenzi eri omuwala. Ogenda n'omuwala, akuwuubaaza; maama ayagala ogende naye kubanga kye kika ky'omuwala maama gw'ayagala. Mulaba, akuwuubaaza; tewaliiwo bya kwagala. Wabula tofaayo, toyagala bikuteganye, toyagala kugenda kumulaba. Era kiri…Lwaki, kintu kibi nnyo. Era omulenzi bw'aba ajja okukulaba, abange, gwe ng'ogamba nti singa ayanguwako, genda ewaka.

Eyo y'engeri y'emu bwe kiri ggwe, "Lwaki abuulirira ebbanga ddene? Ate bino ebintu, na buli kimu?" Mulaba, toli mu kwagala.

Naye bwe weenywereza ku buli Kigambo, ng'Omwoyo bw'Akulabudde enkya ya leero mulaba, "Okwenywereza ku buli Kigambo." Ekyo kiyinza okubeera ekyo ky'Abadde ayogerako naawe. Okukwatirirako! Bwe Bulamu Obutaggwaawo, buli Kigambo kya Katonda. Liba ssanyu okugenda ku kkanisa, mu mbeera yonna. Oba nga bbugumu, bunnyogovu, nga tebikukwatako, oba abantu beeraliikirira, basinda, kyonna kye bakola, likyali ssanyu okuwulira Ekigambo kya Mukama. Olwo oli mu kwagala ne Kristo mulaba; oyagala okugenda ku kkanisa.

40 "Kale, mukwano, wano gaagano nate makya ga Ssande; era ndowooza tulina okunaaza abato tugende emmanga eyo. Abange, kiwuubaaza." Mulaba, toli mu kwagala.

Naye ddala ddala bw'obeera mu mukwano, toyinza kulinda kutuusa makya ga Ssande kutuuka; olina kugendayo bugenzi eyo nabo. Era tulina, n'okugenda…Abantu ba Katonda, tebakuwuubaaza. Lwaki, ba-baluganda na bannyinaffe. Nga bwe nnateranga okwogera nti, "Gwe fuuka mukwafu ng'akaloddo k'omuwemba ku makya amannyogovu." Tekakulukuta; kasigala busigazi wamu, nga bwe mumanyi, nga keekutte. Kaakati, okwo kwogera kwa bukambwe, naye ku-kugezaako okukutegeeza kiki kye ntegeeza. mulaba. Muli wamu kitole. Era gye kikoma okunnyogoga, gye bikoma okwekwata. Era y'eyo engeri gye kiteekeddwa okubeeramu gye tuli. Obunnyongovu…

Ng'emikwano gy'ensi gikwabulidde,

Yongera kumusemberera.

41 Era lwaki twagalana, si lwakuba nti tulina kye tuli; naye ye Kristo Ali mu buli omu oyo gwe twagala,

mulaba. Ye Katonda Ali mu ffe, Oyo gwe twagala. Kaakati, twagala okujja awamu. Twateranga okuyimba oluyimba olw'edda.

Byamukisa ebyo ebisiba Emitima

gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;

Okussa ekimu okw'endowooza

y'aboluganda

Kulinga okwo okwa Waggulu.

Mulaba, okussa ekimu okw'endowooza

y'aboluganda kulinga okwo

okwa Waggulu.

Mu maaso g'entebe ya Kitaffe,

Tuyiwa essaala zaffe ez'amaanyi

Okutya kwaffe, essuubi lyaffe,

ebiruubirirwa byaffe bye bimu,

Ebitugumya era n'ebituteganya. Mulaba? Yee, ssebo. Omuntu bw'afuna omukisa, ffenna tukisanyukira. Omu bw'anakuwala, tunakuwalira wamu naye. Tu-twagala ffenna tubeere wamu. Kaakati y'eyo engeri gye tuteekeddwa okubeeramu.

42 Era y'eyo engeri Isiraeri gye yalina okubeeramu. Naye kyafuuka omugugu, “Oh, omugaati guno omukadde, Omugaati gwa Bamalayika! Kale, omugaati guno omukadde tugufaako ki? Emmeeme zaffe zeetamiddwa ekintu kino! Na buli kikyamu. Era-era emmaanu eno enkadde egwa buli kiro, lwaki, kisingako twefunire katungulu ccumu n'obutungulu bw'ebikoola okuva eyo mu Misiri.” Mulaba, emitima gyabwe gyali tegyetegekedde lugendo.

Era omusajja oba omukazi bw'atandika okwemulugunya ku ky'okugenda ku kkanisa, baakoowa nnyo okugenda ku kkanisa, tebeetegekedde lugendo. Ekyo kituufu. Waliwo ekikyamu awantu awamu.

Oh, bwe mwagala Katonda, n'okulowooza nti mugenda mu Ggulu, era mwenna mugenda wamu…

Nga kussa kimu, nga ssanyu lya Bwakatonda,

Nneesigamye ku Mukono ogw'olubeerera;

Oh, nga mirembe ne Mukama wange nga Ali kumpi nnyo,

Nneesigamye ku Mikono gye egy'olubeerera.

Nga…Tuyimba obuyimba obwo.

Tugabana ennaku yaffe

Emigugu gyaffe tugyetikka;

Era bulijjo buli omu akaabira omulala

Amaziga agasaasira.

Bwe twawukana,

Kituwa obulumi obw'omunda;

Wabula tujja kusigala nga

tugattiddwa mu mutima,

Era tusuubira okusisinkana nate

mu kiseera ky'olukuŋŋaana oluddako.

(Yee, ssebo, tukyagatiddwa

mu mutima!)

43 Kaakati weetegekera olugendo, mulaba, oli mwetegefu okugenda mu Nsi ensuubize, ekiseera eky'okugezesebwa; awo we wali ettaka ery'obulabe, olukoola, ebiseera eby'okugezesebwa.

Isiraeri, mu kiseera kye eky'okugezesebwa, yatandika okuyomba n'okulumaŋŋana, n'okwemulugunya ku mugaati. Era baayagala baddeyo mu Misiri.

Awo ne batandika okwemulugunyiza omukulembeze waabwe. Oh, baali batidde nti oboolyawo yali abawabya; ng'amaze okweraga ye okubeera omukulembeze, era nga Katonda yali akikakasizza nti yali mukulembeze. "Kale, oboolyawo tweyisizzaamu ng'abeeyitiriza. Era-era oboolyawo tuvudde ku mulamwa, bonna nga bali mu katyabaga," oba ekintu ekimu bwe kityo, mulaba, baali boogera obubi ku Katonda ne ku Musa: Katonda n'omukulembeze We.

44 Kaakati, bwe tutuuka mu kifo, nga tugamba nti, "Simanyi oba Ekigambo kitegeeza kino, oba nedda." Era, "Simanyi kikwata ku Mwoyo Mutukuvu; Ekyo nkibuusabuusaamu Mmanyi abalala si bwe bali." Kale, mweyongere okugenda mu Misiri. Mulaba?

Naye bw'obeeranga ddala omaliridde okusigala ku luguudo, sigalira ddala n'Omukulembeze, Omwoyo Omutukuvu, sigalira ddala n'Ekigambo. Era bw'osigala n'Omwoyo, Ajja kukukuumira mu Kigambo. Ekyo kituufu. Kijja kukutwalira ddala mu lunyiriri, ekkubo ly'Ekigambo. Era Tokitya. Tekijja kulumya; Kijja kukuyamba bw'onaabeera ng'olumiziddwa. Kijja kuwonya wonna awalumiziddwa, Omwoyo Omutukuvu Ajja kukikola.

45 Kaakati, tukizuula, nti mu lugendo luno, oluvannyuma nga bamaze okufuuka bwe bati, baatuuka mu kifo kya Korebu. Era K-o-r-e-b-u, Korebu, olwo tukizuula…Leka erinnya eryo tulikutulemu. Awo e-erinnya "Korebu" litegeeza, "ekifo ekikalu" oba "eddungu."

Era bwe tuva mu kussa ekimu buli omu eri munne mu kkanisa, era n'okuva mu kussa ekimu n'Omwoyo Omutukuvu, kituleeta eri ekifo ekikalu, eddungu, tewali kiramu, buli kimu kirina ebintu ebikwatira. Mulaba, e-e ddungu, ekatundu k'ekikwata ndiga nga kalina ebikwatira ku ko. Omanyi kiki ekyo kye kiri? Ekyo kikoola ekito ekirungi ekitabadde na mazzi; kyegaziyizza nnyo okutuusa nga kifuuse ekikwatira. Era bw'olaba omuntu yenna bw'atyo, oba oli awo y'emmeeme ey'omuwendo eyandibadde efukiddwaako amazzi obulungi, kyandibadde ekikoola ekito oba ekintu ekimu. Naye mu kifo ky'ekyo, kyegaziya okutuusa nga kifuuse ekikwatira, nga kikoonakoona ku buli kintu, nga bwe mumanyi, okuzuula ekikyamu. Ekintu kyokka kye kyetaaga ge mazzi. Ky'ekyo. Kye-kyetaaga bwetaazi kudda buggya, oba okwekutula, okuddaabululwa okuva eri Mukama. Kijja-kijja kwezingulula, bw'onoomala gakiteeka ku mazzi.

46 Wabula, awo abo ababeera mu kifo ekyo we balina okubonaabonera n'embeera z'ekifo ekyo. Era abo abo abaagala okubeera mu kika ky'embeera eyo, awo nga buli kimu bwe kikukoona n'okuneneŋŋana ssaako okuyomba n'okweraliikiriza bwe kityo, kale, ojja kubeera bubeezi mu mbeera eyo; ky'ekyo. Wabula tetulina kubeera eyo; tekitwetaagisa ffe okusigala awo.

Kaakati, Korebu kino kye kyali ekifo awo abantu we baamaliramu Katonda amaanyi, kubanga baali babungentedde mu kifo kino era nga batuuse mu mbeera eno. N'Abaleeta okukibeetoolooza, kubanga tebaasobola kutambulira mu kkubo. Baava ku-ku kkubo eddene, ne baviirako ku luuyi luno olw'ekkubo. Era awo ne kiwaliriza Katonda okubaako ky'Akola ekyali kitiisa. Ya… Kyaleetera Katonda okuleka Musa okutwala omuggo ogw'omusango ogwo gwe yali asazisizza omusango eri eggwanga, n'akuba ku Lwazi okuleeta amazzi.

Kaakati, waliwo eby'okuyigako ebirungi wano singa tusobola okukifuna, mulaba. Era olw'okubanga tuva mangu ku mulamwa, nga tusibiddwa ensi, era n'ebintu, kyaleetera Katonda okuleeta emisango gy'ensi n'agikubisa Omwana We Ye e Kalivaaliyo, nti tusobole okugenda nga tuli ba ddembe. Mulaba kiki kye ntegeeza?

47 Kaakati, okusobola okutuusa abantu bano eri amazzi, oluvannyuma nga batuuseeyo eyo, ekifo kino ekikalu kyafuulibwa Kalivaaliyo. Era eyo Katonda gye Yagambira Musa; Yagamba nti, "Twala omuggo wamu n'abakadde, ogende mu maaso, era Nja kuyimirira ku Lwazi oluli mu maaso go." Era Olwazi luno yali Kristo. Ne Musa, n'omuggo gwe yali aleesezza omusango ku ggwanga lya Isiraeri, yatwala omuggo gwe gumu guno n'akuba emisango gya Katonda ku Lwazi. Mulaba? Yatwala ebibi by'abantu ku muggo guno. Ogwo gwe yandikubye abantu, mu kifo ky'okukuba abantu yakuba Lwazi. Era Olwazi, okuyita mu mulimu gwa Katonda, lwaleeta obulokozi, lwaleeta amazzi eri abantu abazikirira. Lwaleeta obulamu eri abantu abafa. Era ekyo Katonda kye Yakola bwe Yatwala oluga Lwe olw'omuggo gw'Omusango, n'Azingirira ebibi byange n'ebibyo okwetooloola omuggo guno; awo we gwali guteekeddwa okutukuba, naye gwakuba Kristo; nti okuva mu Ye mwavaamu amazzi, ekitegeeza "Omwoyo." Omwoyo Omutukuvu yamuvaamu Ye, okutuwa Obulamu. Kaakati, tulina Obulamu Obutaggwaawo. Kaakati Olwazi olwo lwali Kristo. Kaakati twagala okwetegereza.

48 Ndabye ebifaananyi eby'amagezi bingi ebikubiddwa eby'Olwazi luno. Ndabye ekisinga okubeera eby'okwekkaanya ennyo ebbanga ssi ddene, okutuusa awo bwe waaliwo olwazi nga lugalamidde ku ntikko

y'akasozi. Era-era Musa yali ateekeddwa okuba nga yakuba olwazi luno, ne Isiraeri yali mmanga eyo n'ekikopo ekinywerwamu kyayi, ng'abafunira ekyokunywa okuva mu buzzi obutono obwava mu lwazi luno. Kaakati, ekyo kirowoozo bulowoozo eky'omuntu.

Naye olwazi luno bwe lwaleeta amazzi gaalwo, waaliwo obukadde bw'abantu nga bubiri, ng'oggyeeko ente ennume, eŋŋamiya, na buli kimu ekirala ekyanywera mu birebe by'amazzi agaaluvaamu. Yali nsulo y'amazzi ag'omujjirano eyafulumayo okuva omwo.

49 Y'engeri gye bagezaako okukolamu Kristo, Omwoyo Omutukuvu leero. "Kumansira bumansizi okutono." Mulaba, kimala okukuleetera okukkiriza nti waliyo Katonda. Nedda.

Bungi bwa Mazzi! Dawudi yagamba nti, "Ekikompe kyange kiyiwa." Okwo kwe kuyiika okw'amaanyi okw'Omwoyo Omutukuvu.

Abantu bakitya. Abantu abamu bagamba nti, "Kale, ntiddemu nja kukola kino oba ekyo, oba bwe ngezaako okugeenda ebuziba. Nsobola okubaako gwe nkulaga eyatuukako ebuziba." Naye temusongangako ku oyo ataagenda wala kimala. Mulaba? Ate abo abataagenda wala kimala?

50 Kaakati, tubadde n'abantu abagenze mu mubiri, ne bawaba. Era-era si Katonda, wabula abantu baafuna… Olw'obukulembeze obutali bulungi, n'ebirala, baavaako ne bawaba, ne batuuka mu kweyitiriza. Era awo ensi yonna, Setaani abasongera nti, "Mulaba ekyo? Mulaba ekyo"

Kale, leka nnyimirire enkya ya leero nziremu nsonge emabega ku mirundi bukadde kkumi n'okusingawo abo abatatandikanga yadde. Ate abo? Mulaba, mutunuulire embeera yaabwe. Mutunuulire omusajja nga Eichmann leero, n'ekisigayo…Bagamba nti, "Abapentekoote tebalina mpisa zibaluŋŋamya na mpisa za buntu, si na bayivu," n'ebirala bwe bityo. Mutunuulire Eichmann, omu ku basajja abasingayo okuba abayivu mu nsi yonna. N'atta abaana obukadde mukaaga ssaako abakazi n'abasajja, emmeeme obukadde mukaaga. Temwagala kusonga ku muntu bw'atyo.

51 Naye abantu abamu abataayinza kusoma, nga tebasobolerako ddala, ng'amannya agamu aga Baibuli oboolyawo bagayita bubi, era, oboolyawo baayongera ekintu ekikyamu oba ne bakola ekintu ekikyamu, oba ne bakola ensobi emu, amawulire gaagala okukiwandiika buli wamu, ne gagamba nti, "Tekijja kwesigibwa."

Awo ekyo bwe kiba nga tekisobola kwesigibwa, lwaki si buyigirize, ebintu n'abagezigezi be balina leero? Mutunuulire Adolf Hitler. Mutunuulire obwongo bw'ensi leero. Mubatunuulire. Enjogera ey'edda nga bw'egamba nti, "Ekirungi eri omuntu omu, kirungi eri omulala."

Ekintu ky'olina okukola kwe kusobola okwawula ekirungi n'ekikyamu olw'Omwoyo Omutukuvu, era otwale ekyo ekituufu n'ekikyamu.

52 Kaakati, tukizuula nti Kalivaaliyo eno gye baalina, n'amazzi g'Obulamu gaayiikira abantu.

Kaakati, abantu abamu bakirina ku mitima gyabwe ne mu ndowooza zaabwe nti Isiraeri yonna yanywa, era awo ne batikka eŋŋamiya ne basibira emigwa gyazo ku mbalaasi zaabwe, n'ebirala, ne batwala abaana baabwe ne batambula okweyongerayo awantu awalala, ne baleka Olwazi awo, nga lukyatiriika. Ekyo kikyamu.

Olwazi olwo lw'abagoberera, era amazzi ago g'abagoberera. Kaakati, mu Abakkolinso essuula 10, nzikirza, n'olunyiriri olwe 11, osobola okukisanga, nti "Olwazi lw'agoberera Isiraeri. Wonna we baagendanga okuva ku lunaku olwo okweyongera mu maaso, Olwazi lw'agendanga nabo, n'amazzi g'abagobereranga.

53 Nga kifaananyi kirungi, ekinyweza era nnanga ennungi eri omukkiriza leero, oyo amanyi nti olwo Olwazi olumu lwakubibwa, Amazzi ago olumu agaayiika okuva e Kalivaaliyo, gagenda naffe wonna we tuli. Oh, abange. Si kuddayo mu kifo ekimu n'ogamba nti, "Kale, twali n'Amazzi eyo ng'olunaku lwa luli," Tulina Amazzi leero wano wennyini, kubanga Olwazi olwo Yali Kristo! Era Kristo y'Omu jjo, leero n'emirembe gyonna.

Mulaba, Olwazi olwo lw'agobereranga Isiraeri. Tebaagoberera Lwazi, wabula Olwazi lwe lw'abagobereranga. Amiina. Isiraeri baagenda ku lugendo lwabwe. Baalina ekintu kimu ky'okukola, kwe kukuuma ekkubo eggolokofu, butereevu ddala okutuuka mu nsi ensuubize. Era Olwazi n'amazzi by'abagoberera. …olwazi nga lubagoberera… Abakkolinso ekisooka essuula eye 10 bwe kikugamba kityo. Ddala. …olwazi olwo yali Kristo.

54 Katonda Yatwala emisango gy'abantu n'agiteeka ku Kristo, n'amukuba Ye. Weetegerezza, waaliwo olwatika mu Lwazi okuva ku olwo okugenda mu maaso? Olwazi lwalina olwatika mu lwo, awo Musa we yakuba. Ne Kristo Yalina olwatika bwe Yakubibwa, "Yakubibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Okuva mu Bulamu obwo muvaamu Amazzi g'Obulamu ago ge tuwoomerwa leero.

55 Kaakati, okusobola okufuna obulamu buno, jjukira, Obulamu bwa Kristo busigala n'Ekkanisa. Aleeruuya! Oh, singa tusobola okusuulawo awo ebirowoozo byaffe okumala eddakiika kkumi eziddako! Kristo Taleka kkanisa. "Nja kubeera nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Abantu be baleka Kristo, so si Kristo okuleka abantu. Abantu bamuleka okuyita mu butakkiriza. Baleka Kristo, so si Kristo okuleka abantu.

Isiraeri yaleka ensulo, so si ensulo okuleka Isiraeri. Mulaba? Kuba Baibuli ekyogera mu lwatu nti, "Olwazi n'amazzi by'agobereranga Isiraeri." By'abagobereranga! Wonna we baagendanga, nalwo we lw'agendanga.

56 Oh, kino nkyagala enkya eno, singa tubadde n'obudde, okugenda mu ssuula 1 eya Yoswa, we Yagambira nti, "Buli bigere byo we binaalinnyanga, Nkuwaddewo. Wonna w'onaalaga ggwe, Mukama Katonda wo Ali wamu naawe. Totya muntu yenna. Ddamu amaanyi! Wonna w'onassa ekigere kyo, Ndi awo wennyini naawe, sinsonga wa." Katonda ng'Agenda ne Yoswa!

Katonda y'Omu Agenda n'Ekkanisa Ye enkya ya leero. Leka tunywe okuva ku Nsulo eno emitala. Wonna w'okuba oluta lw'ekigere, awo Katonda w'Ajja okubeerera ddala naawe, okukufukirira era Akuwe Obulamu. "Nja kubeera nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'omulembe." Kristo omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Amateeka ga Katonda.

57 Kaakati, ogamba nti, "Olwo, ow'Oluganda Branham, lwaki tetukola ebintu bino bye tuteekedda okukola? Kijja kitya nti ebirabo byaffe n'ebintu mu kkanisa tebirabibwa we birina kulabibwa. Kijja kitya nti ekkanisa yaffe teyimuka mu kifo w'eteekeddwa okuba?" Abantu, mu kiseera eky'okugezesebwa, bavaawo nga Isiraeri bwe yakola. Balowooza nti Katonda Abalese.

Naye jjukira, Olwazi terulekangako Isiraeri. Isiraeri ye yaleka Olwazi; yeerabira ebikwata ku Lwazi okubeera nabo ekiseera kyonna. Lwali awo wennyini, lw'agendanga nabo okutuusa ku nkomerero y'Olugendo. "Lw'abagoberera." Terwali wala nnyo. Era ne Kristo n'ekkanisa Ye leero; Terwali wala nnyo n'omuntu w'asobola okwogerera. Terwali wala nnyo n'omuntu w'asobola okuwulirira. Oba, terwali wala nnyo n'omuntu w'asobola okulabira.

Ne Kristo bw'Ali eri Ekkanisa olwa leero, Tali wala nnyo n'omuntu w'asobola okwogerera. Abamu ku mmwe muddiridde, ne mukola ebyo ebikyamu, era mwafiirwa essanyu eryo, n'Amazzi gammwe gakaze. Akyayogerera kumpi nammwe. Abagoberera. Amanyi buli lutambula lw'okola na buli kimu ky'okola. Ayaayaana okukuwulira ng'Omuyita okujja mu kifo.

58 Era omugendo gw'Abapentekoote guno ogw'amaanyi leero, Katonda abalindiridde mumuyite Ajje mu kifo okukola. Temuli wala nnyo Naye. Newankubadde nga tukoze ebikyamu, ne twonoona, ne tumukuba emigongo gyaffe Ye, era-era ne tukola ebintu bye tutalina kukola, naye Ye ate Akyali naffe. Kristo Yagamba nti Ajja kubeera naffe.

Baibuli yagamba nti, "Amazzi gaagobereranga abaana ba Isiraeri." Bwe baalumwanga ennyonta, baamanya nti amazzi gaali kumpi.

59 Kaakati, ebintu bino bifugibwa mateeka. Enkola ya Katonda yonna eteekebwawo na mateeka. Kaakati, tujja kutwala…Leka tuyimiriremukko akadakiika.

Leka tutwale ensi. Ekyuka; buli ssaawa abiri mu ennya etambula omwetooloola omujjuvu, bulungi ddala, nti…ne ssaayansi waffe yenna, tetusobolanga kukola ssaawa okukuuma obudde obutuukiridde. Olw'olumu, essaawa ennungi ezisinga ze baali bakoze, mu kutambula kwazo mu mwaka, zijja kuba mu maaso oba okusuula eddakiika nnyingi. Naye ensi teremererwangako wabula eba etuukira mu katikitiki ako kennyini. Etuukiridde nnyo okutuusa nga bannassaayansi leero, bannabwengula basobola okukubuulira mu myaka abiri okuva kati, oba emyaka ataano okuva kati, ddala ddala enjuba n'Omwezi bijja kuyisiŋŋanya. Bw'ekyuka kuba kwekulungula okw'essaawa abiri mu ennya, n'ekyusa obudde obudde bwayo mu mwekulungulo okumala ekiseera, tesuula yadde akatikitiki k'essaawa. Aleeruuya! Etuukiridde, kubanga etambulira ku mateeka ga Katonda.

60 Bamanyidde ddala ddi ejjengo eryo bwe linaagenda, mu kadakiika obudakiika, kubanga bamanyi ekiseera ki omwezi bwe gunaavaayo. Ne Katonda buli kimu Yakiteekateeka bulungi okusinziira ku tteeka. Era omwezi ogwo bwe gugenda, awo ng'ejjengo ligenda nagwo. Omwezi bwe guvaayo, wano ng'ejjengo livaayo nagwo. Era bamanyidde ddala, okuyita mu kugera obudde, omwezi ogwo ddi lwe gunaagenda. Basobola okukiteeka ku kalenda y'omyaka ebaako ennaku z'amayengo n'ez'obwegula olw'emyaka egiri mu maaso, ne bakubuulira eddakiika ddi ejjengo eryo bwe linaatandika okuvaayo. Mazima, kubanga y'eyo engeri omwezi gye gugendamu, lwakubanga guteekateekeddwa mu tteeka lya Katonda.

61 Nnali nnyimiridde ku lunaku luli awo ku Nnyanja Michigan. Ne ŋŋenda ku nnyanja Superior ku lugendo lwange e Canada, ennyanja eyo ennene. Ne nnyimirira awo, ne ndowooza nti, "Mmayiro mmeka eziri wano okwetooloola ennyanja eno wano?" Awo oluvannyuma nga nsomose Mich…oba Ennyanja Superior, nsobola okujja mu Michigan, kyenkana ennyanja ezo zeenkanankana. Era okuva eyo, ku nnyanja Superior

okutuuka ku Michigan, okuva ku nnyanja Michigan okutuuka ku nnyanja Ontario, era ne Huron, n'ennyanja zonna okutwaliza awamu. Bwenkana wa obuwumbi emirundi buwumbi obw'ebipipa by'amazzi amasu ebitabalika ebiri mu nnyanja eyo!

Era eyo mu Nevada, ne mu Arizona, New Mexico, Ebuvanjuba bwa California, waliyo obukadde bwa yiika obw'ettaka eryokya ennyo olw'ebbugumu. Eryo eggimu ennyo nti singa amazzi ago gaba gagudde ku ttaka eryo, egwanga lino lisobola okuliisa ensi yonna, nga tewaalibadde bantu bayala, twandifunyewo n'ebifikkawo okusuula mu ssemayanja. Ekyo bwe kiri! Obukadde bwa yiika obwandirimiddwako obukadde n'obukadde bwa ttani za lumonde, n'emboga, ssaako ebijanjaalo n'ebivaavava ebirala, ne zi cukamba na buli kimu. Ettaka lyandibirimiddwako; bi-binoonya mazzi.

62 Era amazzi gaagano wano waggulu, era ettaka liirino wano wansi. Kaakati, tusobola okuliraba, era nga tumanyi nti lisobola okukikola, kubanga tusobola okugezesa amazzi ne tulaba nga masu, ne tugezesa ettaka ne tulaba nga ggimu. Kaakati, kwonna okwagaliza kwe tusobola okukola tekulibiteeka wamu. Wabula waliwo etteeka, era n'etteeka eryo ly'erisika ebintu okukka wansi (gravitation). Kale nno, bwe tuba baakukola okusinziira ku tteeka eryo, tusobola okufukirira buli katundu ka ttaka, ng'amazzi tugaggya mu nnyanja nga tulifukirira. Naye tulina okukolera ku tteeka eryo erisika ebintu okukka wansi. Tetuyinza kugaagaliza kubeera yo eyo. Tetusobola kukaaba ne tugateekayo eyo, Tetusobola kuwoggana ne tugateekayo eyo. Tulina okukolera ku mateeka ga gravitation okusobola okubeerayo eyo. Katonda Ateeka buli kimu mu tteeka.

63 Wano, nnabadde ndowooza, simanyi oba kino nnali nkibabuulidde oba nedda. Nnali wansi eyo mu Kentucky, nga njigga bukaamuje, n'ow'Ouganda Wood omwaka nga gumu oguyise. Era ne tu…Bukaamuje bwali bwa bbula, kale nno ne tugenda mu nnyumba ya munnaffe okuzuula ebikwata ku kuyigga. Omusajja yalina yiika z'ettaka eziwerako, era ku ttaka eryo waaliwo emiti mingi. Naye ow'Oluganda Wood yaŋŋamba nti, "Omusajja mukafiiri. Mu-mutakkiriza." Bw'atyo n'agamba nti yali amumanyi, kale ye… oba kitaawe yali amumanyi, asobole okugenda asabe oba nga tusobola okufuna olukusa okuyigga.

Twavuga okwambuka okugenda mu kifo ky'omusajja oyo. Era ye n'omusajja omulala, bonna nga bali mu myaka gyabwe nga nsanvu, baali batudde wansi w'omuti gwa apo. Era Mwami Wood n'agenda eri omusajja ono, n'amugamba nti, "Njiggireko katono mu kifo kyo?" N'agamba nti, "Kale," yagamba nti, "tekirina buzibu." N'amubuuza nti oli Wood ki? Oli mutabana wa Jim Wood?" Yaddamu nti, "Ye nze."

Yagamba nti, "Kale, Jim omukadde oyo yali mwesimbu n'ebirala." N'agamba nti, "Osobola okuyiggira wonna w'oyagala, ku kifo kyange. Nnina enkumi n'enkumi za yiika wano; lyeyambise. Kkirira wansi eyo mu nkonko, wonna w'oyagala. Weewulire ng'ali awaka."

Nnasigala mu mmotoka, kubanga nnalowooza nti omubuulizi w'enjiri n'omukafiiri basobola obutakwatagana bulungi, bwe tuba nga twali tugenda kusaba kakisa ok'omukaafiiri.

64 N'olwekyo nga wayiseewo akaseera, ow'Oluganda Wood yagamba nti, "Kale, kaakati, ndi n'omusumba wange? Ndowooza kijja kuba kirungi naye okujja."

Era omusajja ono nnamukadde n'akyukira ku muggo gwe kw'atambulira, n'agamba nti, "Wood, oyagala kuŋŋamba nti wessizza nnyo wansi okutuusa nti olina okuba na mubuulizi wonna w'olaga?"

Era nno awo, nnalowooza, oluvannyuma lw'ekyo, nti kisingako nve mu mmotoka. Bwe kityo ne nva mu mmotoka, ne njogera ne nnamukadde okumala eddakiika entonotono. Nnammanyisa mangu ddala nti yali talina mugaso gw'alaba mu babuulizi ogw'amaanyi, kubanga yali alowooza nti boogera ku kintu kye batamanyiko.

Yagamba nti, "Bamala gassamwassamwa. Kale," yagamba nti, "omusajja bw'ayogera nange, mmwagala ng'amanyi kiki ky'ayogerako." Kaakati, ekyo kibaamu amakulu amalungi. Ago magezi malungi. Yagamba nti, "Kaakati, singa omusajja ayogera nange, ssaagala ayogere ku kintu kyonna, ekirala, okukkiriza ekintu awatali bukakafu bw'akimanyiko. Mmwagala ayogere ku kintu ky'amanyi obulungi." Kale, ekyo nnakissaamu ekitiibwa. Ekyo ekyali mu musajja nnamukadde ono nnakissaamu ekitiibwa.

65 Era bwe kityo ne ŋŋamba nti, "Kale, mazima, ekyo kiri eri buli muntu ku ndowooza ye."

N'agamba nti, "Waaliwo omubuulizi omu eyajja wano mu nsi eno emyaka mitono egiyise, eyalina olukuŋŋaana eyo mu Acton." Era n'agamba nti, "Omubuulizi ono, ekiro ekimu, nga mugwira mu ggwanga, yagamba omukyala eyali atudde mu kibiina nti, 'Olina akatambaala mu nsawo yo. Era gwe mukyala gundi. Era olina muganda wo omulwadde eyo mu lusozi eno. Erinnya lye ye gundi. Afa lwa Kkookola mu lubuto.' N'agamba nti, 'Twala akatambaala kano okateeke ku muganda wo, n'amugamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," tagenda kufa, naye ajja kuba mulamu.'"

Yagamba nti, "Omukazi ono y'omu yali mukwano gwaffe." N'agamba nti, "Twayimusa omukazi ono… Akatambaala kano waggulu; oba omusajja ono, eri omubuulizi" Okusooka yagamba nti, "Omukazi ono, mukyala wange nange twali tuyimiridde eyo ku makya ago era twalina, nga tulinda ku mukazi ono. Era

yali bubi nnyo! Abasawo nga baawanika dda." Yali bubi nnyo okutuusa nga tulina kumutambuliza mu ssuuka, okumuyimusa okumuteeka ku kitanda, n'okumukyusa. Okumukyusakyusa mu ssuuka, yali bubi nnyo." Yagamba nti, "Ekiro ekimu, eyo, waavaayo okuleekaana ng'abafiiriddwa."

66 Oyo yali Ben ali awo, ng'alina akatambaala ako, ng'akatwala eyo. Nzikiriza yali ggwe, sibwe kyali, Ben? [ow'Oluganda Ben agamba nti, "Amiina. Amiina."-Omuk.] Yali waluganda Ben eyo, ng'afuna akatambaala ako, kubanga yatwalayo omukazi eyo.

N'agamba nti, "Amakya agaddako omukazi yali alya kindanzi ekikoleddwa mu apo ensiike." N'agamba nti, "Takola bukozi mirimu gye kyokka, wabula akola n'emirimu gy'abalirwana. Yali ateredde bulungi." Yagamba nti, "Kaakati, nneewuunyizza bulijjo. Singa nziramu okulaba ku mubuulizi oyo, yali amanyi kiki kye yali ayogerako," yagamba nti, "Nnandiyagadde okwogera naye."

Ow'Oluganda Wood yantunuulira, nange ne mmutunuulira. Nga tuyimiridde awo, nga tuddugala, era nga tutuuyanye, nga tuli bakyafu, twali tusiisidde mu kibira nga-ng'omusaayi gwa bukaamuje gwonna gutubunye. Kale nno ne ŋŋamba nti, "Kale," Nnagamba nti, "ki…Otegeeza nti osobola okwogera n'omuntu ono n'akubuulira engeri gye kikolebwamu?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo, ekyo kye ntegeeza."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo kintu kirungi."

67 Nnali ndya emu ku apo ze. Obuwuka obukadde obwa kyenvuyenvu bwali butandise okuzigwako awo, mumanyi, mu sizoni y'omwaka ng'eggwaako, mu Agusito. Kale nnalina ka apo kano, era nga nkalya. Ne ŋŋamba nti, "Eyo apo nnungi nnyo." Nnabuuza nti, "Omunti ogwo gumazeewo bbanga ki?"

"Oh," yagamba nti, "Omuti ogwo nnagusimba awo, emyaka asatu oba ana egiyise, oba ekintu ekirala."

"Yee, ssebo." Nnagamba nti, "Nnandiyagadde okukubuuzaayo ekibuuzo." Nnagamba nti, "Engeri mu nsi… Ndaba zi apo ezo nga zigudde okuva ku muti, era n'ebikoola biri mu kuvaako bigwa, nga wano twakatuuka mu makkati ga Agusito." Ne ŋŋamba nti, "Tetunnaba kubeera na mbeera ya bunnyogovu, tetunnaba na kubeera na muzira oba ekintu kyonna, ate nga byo ebimuli biri mu kuvaako ku muti ogwo. Lwaki ekyo?

Yagamba nti, "Amasanda gavudde ku muti."

"Oh," nnagamba nti, "gagenze wa?"

Yagamba nti, "Wansi mu mirandira."

Ne ŋŋamba nti, "Olwo ganaamalayo bbanga ki eyo?" N'agamba nti, "Okutuusa ng'obutiti buwedde ng'ebiseera by'omusana bitandise." Ne ŋŋamba nti, "Awo, gajja kukomawo, olwo gatuleetere ebikoola ebipya olw'ekisiikirize, ne zi apo empya ez'okulya." N'agamba nti, "Ky'ekyo kyennyini. Kituufu ddala."

68 Nnagamba nti, "Kale, njagala okukubuuzaayo ekintu, ssebo. Oyogera ku bantu bano abatamanyi kiki kye boogerako." Nnagamba nti, "Osobola okunnyinyonnyola magezi ki agaleetera amasanda ago okuva mu muti ogwo? Bwe gaba nga gasigalawo okuyita mu butiti, omuti gusobola okufa. Gayinza okutta omuti. Akawulungwa k'obulamu kali mu masanda ago." Kale nno ne ŋŋamba nti, "Kiyinza okutta omuti. Magezi ki agaleetera amasanda ago okufuluma okuva mu muti ogwo, okukkirira wansi mu mirandira, okusigalayo okutuusa ng'obutiti buwedde ng'ebiseera by'omusana bitandika, awo ne gakomawo nate okuleeta zi apo endala?" Nnagamba nti, "Teeka amazzi mu bbaketi ogituuze ku muti, olabe oba nga mu Agusito gajja kukkirira ku ntobo y'omuti gakomewo ng'obutiti buwedde ng'ebiseera by'omusana bitandika. Mulaba?" Nnagamba nti, "Waliwo etteeka erimu, waliwo etteeka ly'obutonde. Amagezi agamu gaateekawo etteeka lino. Si ekyo kyokka, wabula amagezi ge gamu ago galina okukola etteeka eryo, eryo erigatwala eyo mu mirandira gy'omuti ne gakomawo." Yagamba nti, "Ekyo mbadde sikirowoozangako."

Ne ŋŋamba nti, "Osobola…bw'oba nga osobola okuzuula amagezi agaleetera amasanda ago okuva mu matabi g'omuti, okukkirira wansi okutuuka mu mirandira ne gakomawo, ago ge magezi ge gamu agaŋŋamba eyo ekiro ekyo, 'Genda, teeka akatambaala ako ku mukazi.'"

N'abuuza nti, "Ggwe mubuulizi oyo?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo, ekyo kituufu."

69 Omwaka oguwedde nnaliko eyo (Yali agenze.), era awo nga nnamwandu we atudde ku lusebenju, ng'awaata zi apo okuva ku muti gwe gumu…ow'Oluganda… Ekisooka baali bagenda kutugoba; baali tebamanyi twali b'ani. Ne ŋŋenda ne mmubuulira ekikwata ku kyo, nti twafuna olukusa okuva gy'ali. Ne nkinyumyako nti, "Yakola okwatula okujjuvu okwa Kristo nga tannaba kufa."

Mulaba, kiki omuti ogwo kye gukola, magezi ki agagatwala ago wansi? Tteeka. Etteeka eryo Katonda

ly'Ataddewo. Era etteeka eryo tteeka lya Katonda erijja okufaayo ku ekyo. Amiina.

Mumanyi, sifaayo okaaba kyenkana ki, n'ogamba kaakati, "Tekigenda kukola, omusana tegugenda kuddamu kwaka mu bbugumu lino." Gujja kwaka, mu ngeri yonna. Ogenda kwogera kyenkana ki nti, "Nze-nze-nze sigenda kuganya budde kuziba." Bujja kuziba, mu ngeri yonna. Kubanga ekintu kino kye tubeerako, ekiyitibwa ensi, kifugibwa tteeka lya Katonda.

70 Kaakati, ab'oluganda ne bannyinaze, njagala okubaako kye mbabuuza. Olwo, bwe tuba nga twazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda…Katonda talina bitundu binafu na bitundu ebinene eby'amaanyi, Yenna okutwaliza awamu ye Katonda! Era bw'oba ng'olina Katonda amala mu ggwe, okutuusa we kibeerera ddala ekisiikirize, aga gabeera maanyi agamala okukola ensi empya. Ago amaanyi gamala okukola omwezi omupya era n'ekola empya. Ye Katonda, era ky'amaanyi. Era kaakati wano wennyini buli mukkiriza ali munda wano alina Obulamu Obutaggwaawo, obwo nga ye Mwoyo wa Katonda Ali mu ggwe; amaanyi agamala agajja okuzuukiza abafu, agajja okuwonya abalwadde, agajja okutereeza embeera y'ebyomu bbanga. Naye ggwe, gafugibwa na tteeka, Omwoyo oyo ali mu ggwe. Muli batabani na bawala ba Katonda. Omwoyo oyo y'omu gw'olina mu ggwe, Ajja kukuzuukiza ku lunaku lw'okuzuukira.

71 Yesu, bwe Yali wano ku nsi, bwe Yafa, emmeeme Ye yakka mu Ggeyeena, "N'Abuulira enjiri emyoyo egyali mu kkomera, emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu nnaku za Nuuwa ez'okubonaabona okuwanvu." Omubiri Gwe gwagenda e magombe. Naye nga tannafa, Yateeka Omwoyo Gwe mu mikono gya Katonda. Omwoyo Gwe gwagenda eri Katonda; Emmeeme Ye Yagenda mu Ggeyeena; omubiri Gwe ne gugenda mu magombe. Era Yesu Yaziyizibwa okuzuukira okutuusa ng'Ekyawandiikibwa kituukiriziddwa. Yali Tasobola kukomawo, kubanga Yalina okusigala mu magombe okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Ebyawandiikibwa byonna bwe byatuukirizibwa, omutayimbwa guno ne guggibwawo; Omwoyo Gwe ne gudda mu mmeeme Ye, Emmeeme Ye n'edda mu mubiri Gwe, n'Azuukira nate.

72 Era bwe tufa, emmeeme zaffe zijja kugenda wansi w'ekyoto kya Katonda; awo amakya agamu agayise we nnaweebwa akakisa okulabako, nga bwe mumanyi, mu kwolebwa, awo Baibuli weyogerako nti, "Emyoyo gyaffe gijja kugenda eri Katonda eyagituwa, n'emibiri gyaffe gijja kuddayo mu nfuufu y'ensi. Naye olunaku olumu awo Ekyawandiikibwa bwe kinaatuukirira, emyoyo gyaffe gijja kuteebwa okuva eri Katonda, ginone emmeeme, n'emmeeme edde eri omubiri. N'amaanyi agalituzuukiza, gali ddala muffe kaakati! Kaakati tuli mu bifo eby'omu ggulu. Kaakati tuli mu maanyi ag'okuzuukira.

Singa tewabaddewo tteeka ku ekyo, batabani ne bawala ba Katonda bandyetondeddewo ensi wano ne bagenda ne bagibeeramu mu kyama. Olina amaanyi mu ggwe okukikola. Bw'obeera olina ekisiikirize ky'Amaanyi ga Katonda mu ggwe, olina amaanyi okukikola. Katonda ayinza byonna. Mulaba kiki kye ntegeeza? Amaanyi agali mu ggwe gajja kukola. Osobola okwogera ensi n'ebeerawo n'ogenda okugibeerako. Aleeruuya. Kiikyo awo.

Ekyo amaanyi kye gali mu Kkanisa kaakati, naye gafugibwa tteeka. Era eteeka eryo si "kukuuma biragiro ebiwerako." Tteeka lya kukkiriza. Yesu Yagamba nti, "Ebintu byonna bisoboka eri abo abakkiriza." Era singa osobola okukikkiriza, kyonna Katonda ky'Anaakulemberamu emmeeme yo okukkiriza, ekyo kikyo. Buli kifo ebigere byo kye zinaalinnyako, olw'okukkiriza, Katonda Akikuwa. Amiina! Kikyo; okukitwala, singa oba osobola okuzuula ekisumuluzo eri etteeka lino ery'okukkiriza erikuggulirawo. Mulaba kye ntegeeza? Amaanyi ago gafugibwa na…Bw'oba nga oli mutabani wa Katonda, oli muwala wa Katonda, ago tegakulekanga. Gali naawe ekiseera kyonna. Naye, okukkiriza kwo kugavaako, wabula gakyaliwo. Aleeruuya.

73 Bw'olokolebwa, Katonda Akuwa okukkiriza okuyimuka okuva mu bukyafu bw'ensi. Okukkiriza kwo kuwangula ebintu by'ensi. Okukkiriza kwo kye ki? Kwe kukkiriza kwo mu kikolwa ekyo Katonda ky'Akoze mu ggwe, okukufuula omwana wa Katonda. Walekayo okulimba kwo, walekayo okubba kwo, walekera awo okunywa omwenge, kubanga okukkiriza kwo kwakuyimusa okubisukkuluma. Amiina. Bw'otakikola, tolina kukkiriza kwonna. "Era olw'okukkiriza mwalokolebwa, era okuyita mu kisa."

Kasita okukkiriza kwo kuteebwa, bwe bungi bw'Amaanyi gojja okubeera nago, kubanga mu ggwe mutuddemu Amaanyi okukola Eggulu n'ensi. Katonda Atuula mu ggwe, era muli batabani na bawala ba Katonda. Amiina! Awo muli batuufu. Wabula, kukkiriza kwo. Yesu Yagamba nti, "Okusinziira ku kukkiriza kwo, kibeere bwe kityo gy'oli. Singa osobola okukkiriza, ebintu byonna bisoboka. Ddala ddala, mbagamba nti, bwe muligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' ne mutabuusabuusa, wabula ne mukkiriza ekyo kye mwogedde."

74 Awo tuteekwa kuba kika ky'abantu nnabaki, okubeera n'okukkiriza mu Kristo ono ow'amaanyi Anunula Abeera mu ffe, Olwazi luno olwakubibwa olutaleka Kkanisa? "Ndi nammwe bulijjo, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi," Okubeerawo okutavaawo okw'obulokozi obw'omuyiika n'Amaanyi agaayiika mu Kkanisa okuva e Kalivaaliyo, Okubeerawo okwo okutavaawo okwa Katonda omulamu, okuyiwa okwomuyiika, Olwazi olwakubibwa olugenda naffe mu lugendo lwaffe.

75 Isiraeri baasuula okukkiriza kwabwe. Baava ku kkubo. Ne batandika okwegomba eby'Emisiri. Singa baasigala n'okukkiriza, okukkiriza nti Katonda Yali Agenda kubatwala mu nsi, tewandibaddewo kibaziyiza. Baali bamaze okuggulawo ennyanja; baali bakubye ebiboonyoboonyo ku balabe baabwe; baali bakomeredde abalabe baabwe emabega waabwe, era baali batambudde okutuuka mu nsi, era ne basigala nga tebalina kukkiriza okweyongerayo eri ekisuubizo.

Yoswa ne Kalebu baalina okukkiriza okwo! Baagamba nti, "Tuli bawanguzi n'okukirawo okuwangula ekintu kyonna ekiyinza okujja mu maaso gaffe."

Ogwo gwe mutawaana n'ekkanisa. Tusobola okuwangula buli ndwadde. Tulina Amaanyi mu ffe. Tuli batabani na bawala ba Katonda, tewali kiyinza kutuyimirira mu maaso. Ekintu kyokka, ky'Ayagala kwe kuzuula omuntu ajja okukikkiriza, ajja okukkiriza ekyo Katonda kye Yamala edda okukukolera ggwe. "Si nti tujja; tuli kaakati." N'Okubeerawo okulamu okwa bulijjo okw'Omwoyo kuli naffe. Amiina. Kiikyo awo.

76 Ky'ekyo kye ntegeeza bwe njogera ku ky'okuyigako enkya ya leero, "Amazzi Agabeerawo Bulijjo Okuva Mu Lwazzi." Amazzi agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi gali wano wennyini, ago Amazzi agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi olwo olwakubibwa e Kalivaaliyo. Omwoyo Omutukuvu bwe Yamufulumamu e Kalivaaliyo, oyo Yakomawo eri Ekkanisa ku lunaku lwa Pentekoote, Omwoyo Omutukuvu Oyo y'omu Waali enkya ya leero. Era Atuwa ekisuubizo!

Eyo y'ensonga, entambuza mu maaso g'abalwadde, bwe Yantuma eyo engulu, nkikkiriza; Katonda Yakyogera! Y'eyo engeri okwolesebwa gye kubeerawo; Katonda Yakisuubiza! Katonda Tasobola kulimba.

77 Kikkirize! Olina okukikkiriza. Walina okubaawo Ekintu awo okuggula ekiziyiza ekyo, okubikkula ekintu ekyo okukuleka okuyingira ku kyo. Kye twetaaga leero si kusaba kuweebwa maanyi mangi. Olina amaanyi agamala okukola ensi empya. Kye weetaaga kwe kukkiriza okukozesa Amaanyi ago. Kye weetaaga kwe kufuga obulamu obwo, n'okubeerawo mu obwo obulamu obw'okutya Katonda, nti bw'osaba Katonda ekintu kyonna, nga bwe mumanyi! Tulina obwesige mu Katonda, olw'ekyo. Tumanyi, bwe tukuuma ebiragiro Bye, Tajja kutumma kintu kirungi kyonna, bwe tutambula Naye. Katonda ng'atambula naffe. Oh, abange!

78 Baalina ekintu kimu kyokka eky'okukola. Baalina ekintu kimu eky'okukola; kwe kusigala obutereevu ku mugendo. Si kubungeetera wano, n'okubungeetera eyo; wabula okusigala ku mugendo! Ekkanisa erina ekintu kimu eky'okukola, kusigala ku mugendo! Baalina Empagi y'Omuliro, gye baalina okwekuumira mu kkubo nayo olw'okugoberera Empagi y'Omuliro eyo. Eyo ye yabakulembera. Ekyaka eky'omu bbanga kyabwe kye baasobola okulaba, yali eyo Empagi y'Omuliro. Baagiraba ng'ekolera mu Musa, era baamanya nti ye yali omukulembeze

Olwa leero tulina Ekigambo, Tugoberera Ekigambo. Era tulaba Ekigambo nga kikolera mu bakkiriza, era tukimanyi nti bwe kyali ku olwo. Katonda Akolera mu ffe, ng'Akakasa Ekigambo n'obubonero nga bugoberera! Tusigala n'Ekigambo. Ekigambo kizaala ebivaamu.

Baasigala ne Musa. Kubanga Empagi y'Omuliro, Eyo Musa gye yagoberera. Ne bagoberera. Bwe baatandika okukyukira Musa, nga baneneŋŋana eri Katonda ne Musa, baalina okubungeeta okudda ku luuyi olumu ne ku lulala. Emitawaana ne giyingirawo. Mazima.

79 Tusigale n'Ekigambo, era Ekigambo kizaale obubonero. Yesu Yagamba nti, "Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza Ekigambo." Mulaba, kisigala ne… Ggwe sigala n'Ekigambo; Ekigambo kizaala obubonero. Wabula, Musa, kiki kye yakola?

Baabungeeta okuvaako, era kiki kye baakola? Baabungeeta okuva ku kkubo, era ne bafiirwa obugabirizi bwabwe obw'amazzi.

Ndowooza ekyo ekkanisa ky'ekoze leero. Ebungeese okuva ku kkubo ly'Ekyawandiikibwa. Bavuddeko okuyingira mu nkola ez'ebypbufuzi. Bavuddeko okugenda okudda eri obuntu obutono bwe bateekwa obutakola. Baatandika okukola ebintu. Baatandika okukola ebintu nga Ekiyiiye ky'Abatume. Ekyo okisanga wa mu Baibuli? Ne bagunjaawo katikisimu eyo gye basoma. Ne bagunjaawo ebibiina by'amadiini mu kifo ky'obumanyirivu. Baagunjaawo okusikaŋŋana mu mikono mu kifo ky'obumanyirivu obw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ne bagunjaawo okumansirako amazzi mu kifo ky'okubatizibwa mu mazzi. Ne bagunjaawo enkola embi eya, "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu," ng'ate tewaliiwo kintu kiringa bwe kityo mu Baibuli. Baibuli egamba nti, "Mu Linnya erya Yesu Kristo!" Waliwo ekintu kimu kyokka eky'okukola bw'oba oyagala Amazzi ago ge gamu, komawo mu kkubo nate. Ddayo ku… Tannagenda; Akyali wano.

80 Mutwala ebiyiiye mu kifo kya Kristo. Mubungeetera mu kusunguwala.

Omu yagamba nti, "Kale, ndi Mumesodisiti." Omulala n'agamba nti, "Nze ndi Mubaputisiti." Olwo ekyo kiraga nti temuli Bakristaayo. Tuli ba Kristo! Tuli babe Ye. Ogamba nti, "Kale, singa nze Omubaputisiti." Bwe kiba ng'ekyo ky'oli, awo toli wa Kristo, oli Mubapusiti. Ogamba nti, "Kale, Ndi Mupentekoote." Bw'obeera Omupentekoote olw'ekibiina ky'eddiini, ekyo ky'oli.

Wabula, singa obeera n'obumanyirivu bwa Pentekoote! N'Ekigambo kya Pentekoote kijja kuleeta obumanyirivu bwa Pentekoote! Goberera ekintu ky'ekimu abayigirizwa abo kye baagoberera, sigalawo awo okutuusa ng'ojjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu.

Era awo singa okontana n'Ekigambo, omwoyo oyo ali mu ggwe n'akotana n'Ekigambo kye kigamba, olwo si Mwoyo Mutukuvu. Ye Setaani ng'ageegeenya Omwoyo Omutukuvu. Mulaba wa we tuli ku kyo?

81 Oh, abamu ku ffe twayogera mu nnimi, twalina okuleekaana okw'amaanyi olw'okukyamuukirira n'ebintu ebiringa bityo, ne twegaana ebintu bino byonna ebirala. Twagaana buli kimu ekitaali mu Kyawandiikibwa okuyingira ekkanisa. Wa we tuli leero? Tuzzeeyo mu ddungu eddala, ebibiina ebikalu. Twakola ebibiina ne tufiirwa Amazzi gaffe. Ky'ekyo kyennyini Pentekoote kye yakola. Bwe yatandika okwekolamu ebibiina, yatandika okukutulamu okussa ekimu, ng'egamba nti, "Kale, kaakati, tetujja kukwatagana, omuntu ono bw'aba akkiriza ekyo.

Genda mu maaso, sigala naye okutuusa ng'azze eri Ekigambo eky'Amazima, okumanya kw'Amazima. Kyonna kye kiri, leka kigende kityo. Genda bugenzi mu maaso, beere waluganda.

Naye, oh, twalina okukola ekibiina, ne tugamba nti, "Kale, kubanga toli wa Bumu, kubanga toli wa Bubiri, oba wa Busatu, oba bwe kiti, tetujja kuba na kussa kimu naawe." Olwo bwe tukola ekyo, kiki kye tukola? Twekomyawo buteerevu okudda mu ddungu nate. Ekyo kituufu!

Naye mujjukire, Isiraeri bwe yabungeeta okuva ku kkubo, omugendo ogugenda mu nsi ensuubize, Olwazi terwabalekaako; Lwasigalira ddala awo; bwe gatyo n'amazzi. Bwe kityo n'Omwoyo Omutukuvu, Ali awo wennyini. Tetulina kubungeeta nga tudda emabega.

82 Kaakati, wano Katonda Atuyigiriza ekintu eky'amaanyi. Katonda Atuyigiriza wano essomo. Kristo Yakubibwa omulundi gumu, ng'Atuwa obumanyirivu bwa Pentekoote omulundu gumu, ekiseera kyonna. Kaakati, Olwazi olwo bwe lwakubibwa, terwalina kukubibwa nate. Lwakubibwa omulundi gumu gwokka.

Musa yakola ensobi okulukuba omulundi ogw'okubiri, ng'alaga obunafu bw'okukkiriza kwe mu kutangirirwa. Naye Kristo bwe Yakubibwa omulundi ogumu, tukimanyi Talina kukubibwa nate. Kale, kiki Musa kye yali akola? Musa yali ateekawo ekintu ekipya, ng'agezaako okukola ekintu ekipya.

Era y'eyo engeri bannaddiini baffe gye bakozeemu olwa leero. Bagezezzaako okukola ekintu ekipya. "Tujja kwekolera aba Assemblies of God. Tujja kwekolera Pentecostal Church of God. Tujja kwekolera Olukiiko Olukulu Olw'awamu. Tujja kwekolera kino, ekyo, oba kiri." Ekyo Katonda si kye Yakola. Ekyo tekyali kiteeso Kye.

83 Kristo Yakubibwa omulundi gumu. Obwo bwe bumanyirivu bunnakabala. Eyo y'enkola nnakabala. Ku Lunaku lwa Pentekoote, Peetero yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo."

"Ffe tumansira mazzi mu Linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ne bawa buli kika kya biyiiye na buli kimu ekirala ku kyo." Bwe tuva ku Kigambo, tekyewuunyisa tetulinaako we tuyinza kutuuka. Mulaba?

84 Katonda Atuyigiriza essomo. Musa yali tateekeddwa kugamba nti, "Kaakati, tujja kutandikawo ekintu ekipya wano, era tujja kukola ekibiina lulyoke tukole Eklezia Enkatolika." Ekyo ky'ekintu ekisooka kye baakola. Nedda, nga wayiseewo akaseera nti, "Kale, tujja kubaako ekintu ekipya kye tutandika okuva ku ekyo, tujja kukola aba Luther." Awo Ab'Anglican ne bajja, olwo Ababaputisiti, n'ebirala, ne ba Campubelayiti, ne Church of Christ, n'omulabe wa Kristo, n'ebintu ebirala byonna. Mulaba, bonna baatandika okugenda, omu ng'agoberera omulala, omu ng'agoberera omulala, nga bakola ebibiina by'amadiini n'ebibiina. Ekyo tekyali kyo. Mulaba awo kye bakola? Bakuba Olwazi nate, okutandikawo ekintu ekipya. Tetwetaaga njigiriza mpya.

85 Buli muntu mu Baibuli yabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Buli muntu mu Baibuli alina Omwoyo Omutukuvu yajja mu kkubo lya Katonda, ddala ddala nga Katonda bwe Yakikola okuba. Baakola ekintu ky'ekimu. Baalina obumanyirivu bwe bumu. Obubonero bwe bumu bw'abagoberera. Emirimu gy'egimu gy'abagoberera. Lwaki? Baabeerawo ku lw'Olwazi. Baafuna amazzi ge gamu.

Era leero, ensonga lwaki tulina ebiyiiye bingi n'ebibiina by'amadiini, eri lwakuba nti tutandikawo ekintu ekipya. Tetulina kye twetaaga kipya. Ddayo!

Musa yali tateekeddwa kukuba Lwazi nate, okutandikawo ekintu ekipya. Yali ateekeddwa kwogera eri bo ku ky'Olwazi nnakabala. Oh, nsuubira ekyo mukifuna! Musa yali ateekeddwa kwogera eri Olwazi nnakabala olwakubibwa; si kugezaako kulukuba nate, si kugezaako kutandika kintu kiggya, wabula okwogera eri ekintu ekikadde.

86 Katonda, nnyamba! Bwe nfiira ku kituuti nga ndi mwavu empongabyoya, nja kwogera ku Lwazi nnakabala. Nja kwogera ku bumanyirivu obwasooka. Nja kwogera ku Byawandiikibwa ebyasooka ebyo

ebyabawa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu: "Mwenenye buli omu mu mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggibwako ebibi, munaaweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu." Okubeerawo okwabulijjo okw'okuyiika kw'Amazzi agava mu Lwazi kukyali naffe. Kujja kuleeta ekintu ky'ekimu. Kujja kuleeta okwolesebwa. Kujja kuleeta okuwonyezebwa. Kujja kuleeta obunnabbi. Kujja kuleeta buli kimu kye baakola.

87 Awo Isiraeri bwe yatereera obulungi mu Byawandiikibwa nate, n'eddayo ku luguudo, baagenda mu nsi ensuubize, naye kyabatwalira emyaka amakumi ana.

Abapentekoote emyaka ng'ana oba ataano babaddenga babungeetera mu lukoola. Mukomeewo eri Olwazi! Weeruli. Luuluno wano, luwandiikiddwa wano wennyini mu Kigambo. Omwoyo Omutukuvu Ali wano ng'Akola ekintu ky'ekimu bulijjo kye Yakola, n'olwekyo Okubeerawo okwa bulijjo okw'Amazzi kuli wano. Komawo bukomi we gali, komawo eri ekyasooka, ekyo kinnakabala. Kyali kitya mu bwannakabala?

88 "Kale, baasikaŋŋana emikono n'omubuulizi."? Si kintu bwe kityo, "Baabatizibwa mu linnya lya Kitaffe, Mwana n'Omwoyo Omutukuvu."? Teeriiyo kintu bwe kityo. Tewaliiwo bantu mu Baibuli wantu wonna, oba (emyaka bisatu wabweru wa Baibuli, abaali babatiziddwa mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Ekyo kiyiiye kya Kikatuliki, si njigiriza ya Baibuli. Mulaba?

89 Baalina Omwoyo Omutukuvu. Obubonero buno bwagenda n'abo abakkiriza. Kijja kukikola nate olwa leero. Olwazi olwo lubaawo bulijjo nga bulijjo bwe lwali, olwazi olwo olwakubibwa!

Leka tuleme kugamba nti, "Kale, kaakati jjangu ggwe weegatte ku kkanisa yaffe eya Pentekoote, oyingire mu nkola zaffe ez'Ekipentekoote." "Nedda, jjangu ggwe weegatte ku kkanisa eya Baputisiti, oba Abamesodisiti, oba Abapulesibeteriyani, oba Abakatuliki." Kiki ekyo? Okwo kukuba Lwazi nate, okugezaako okutandikawo ekintu ekipya.

Babuulire nti, "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo," olw'okuggibwako ebibi byabwe, "n'obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza." Awo ng'okomyewo ku luguudo, ng'okomyewo eri amazzi ge gamu. Amazzi ge gamu gajja kuwa okuweweeza kwe kumu, gajja kunyiga omubiri mu ngeri y'emu. Gajja kuwa amaanyi ge gamu agalongoosa. Gajja kuwa amaanyi ge gamu agawonya. Gajja kukola ekintu ky'ekimu kye gaakola ku luli, singa tunaddayo buzzi ku Mwoyo y'omu.

90 Obulamu mu muzabbibu bujja kuleeta emizabbibu. Bwe kiba nga kyakikola omwaka oguyise, kijja kuleeta ekintu ky'ekimu n'omwaka guno. Eryo ly'etteeka lya Katonda. Etteeka lya Katonda liri nti, guno bwe gubeera muzabbibu, guleke, gujja kuleeta emizabbibu. Oyinza okuguyungako ekintu ekirala mu nkola ya maleeto, naye guleke era gujja kuleeta emizabbibu nate.

N'olwekyo ekkanisa tugigasse n'enkola y'Ekipetenkoote, n'Obubaputisiti, n'Obumesodisiti, n'Obupulesibeteriya, n'Obwa Anglican, nabuli nkola yonna endala. Lwaki tokireka? Komawo eri ezabbibu, lijja kukomawo eri amaanyi ge gamu. Amiina! Amiina! Ekyo nkyagala.

91 Okutandikawo ekintu ekipya, ekintu ky'ekimu kye tukoze. Si kugezaako kulaga buyinza bwaffe. "Dokita gundi ye mutandisi w'ekkanisa gundi ey'amaanyi eya gundi." Tekyali ekyo.

Ekyo Musa kye yagamba nti, "Nja kubalaga kiki kye nsobola okukola. Nja kugaleeta mu ngeri yonna!" Yalukuba, ne gatajja, n'aleekaana nate nti, "Nja kulaga kiki kye nsobola okukola!" Katonda n'Akwatagana naye olw'ekyo.

Tolowooza, singa ggwe "weekwata ku kintu ky'ekibiina ky'eddiini." Katonda Ajja kukwatagana naawe olw'ekyo. Ekyo kituufu ddala. Oteekeddwa okukomawo eri ki nnakabala. Komawo.

92 Yoyogera bw'ogezi eri abantu. (Tobagamba nti, "Mmwe mujje mwegatte ku kkanisa yaffe. Mujje mwogere ekiyiiye kyaffe.") "Mukomeewo mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggibwako ebibi byammwe, era munaaweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, omutima gwammwe bwe gubeera omulongoofu. N'obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza. Ekibinja ky'abakkiriza, obubonero buno nunaagendanga nabo. Kubanga lwaki? Olwazi, Olwazi olwakubibwa, n'amazzi Ge ag'Obulamu gavaayo, nga galeeta ekintu ky'ekimu ekyo kye Yakola emabega eyo. Teruyinza kukyewala. Oh, yee.

Twagala okweraga, nga bwe tugamba nti, "Tuli Bamesodisiti na Bababaputisiti."

93 Yogera bwogezi eri Olwazi, Bulijjo w'Ali. Togezaako ku lwegattako. "Nnabadde nnina okulwegattirako mmanga eno." Togezaako kulwegattako. Tosobola kwegatta ku kino, ky'ekintu kye nneekakasa. Osobola okwegatta ku Mesodisiti, osobola okwegatta ku Bababaputisiti, osobola okwegatta ku Bapentekoote, Osobola okwegatta ku Ba Anglican; naye tosobola kwegatta ku kino. Nedda. Olina kujjuzibwa na Kino. Tokyegattako; Jjuzibwa bujjuzibwa nakyo. Ky'ekyo. Ojjuziddwa naki? Okujjuzibwa n'Amaanyi, okujjuzibwa n'Omwoyo, okujjuzibwa n'Obulamu, okujjuzibwa n'essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi, Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo, kuba lw'Okubeerawo okutavaawo weekuli.

Mujjukire. Nnina okumaliriza kubanga obudde buyise

94 Naye, mujjukire, Olwazi olwo terwabalekaako. Terubalekangako. Ne Kristo Talituleka. Kristo Yagamba nti, 'Nja kubeera nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'ensi.‶ Bwe kiri? N'Olwazi olwo lwasigala nabo bonna okuviira ddala e Kolebu okutuka e Nebo. Lwakikola. Okutuuka wansi ku Yoludaani, lwali lukyaliwo. Ayi Katonda, njagala okukiraba e Yoludaani!

Musa, bwe yali ali e Yoludaani, Olwazi lwali naye wonna. Era yali ayimiridde waggulu eyo, ng'atunudde wansi eri ekibinja ky'abantu abaali baddiridde ne bava ku Katonda. Omutima gwe gwali gubayaayaanira. N'atunula eyo ku Yoludaani. Yali eyo ku Yoludaani. Yoludaani ey'omwoyo gye njogerako. Yali ayimiridde eyo, okufa kwali kumwolekedde. Wabula yatunula, ku luuyi lwe awo nga wagalamiddewo Olwazi. Yalinnya bulinnya ku Lwazi, ne Bamalayika ne bajja, ne bamukima.

95 "Sirikuleka so sirikwabulira." Sinsonga ebiseera bifuuka bitya ebizibu ennyo, tukaddiwa kyenkana wa, tufa nfa kika ki, jjukkira, Olwazi lujja kubeerawo awo ku Yoludaani. Terujja kutuleka so terulitwabulira. Ekyo kijjukire bujjukizi. Amazzi ago agabeerawo bulijjo okuva mu Lwazi gajja kubeera naffe okuyita mu bulamu bwonna, ne ku Yoludaani.

96 Leka tukoteke emitwe gyaffe. [Ow'oluganda okuva mu kibiina awa obubaka mu bunnabbi -Omuk.]

Ng'Omwoyo Oyo Atambula muffe, Omwoyo wa Katonda Atambula mu ffe, wayinza okubaawo abo wano enkya ya leero abatamanyi Kristo, era nga tosemberedde Lwazi olwo, nga toli wa mukwano nalwo amakya ga leero? Naye ng'okimanyi nti weeruli. Lutunuulire nga lukola buli wamu, mulabe ng'Atambula okwetooloola, mumulabe ng'atambula ku bantu. Okwo kwe Kubeerawo kw'Amazzi okutavaawo. Obwo bulokozi. Oyo ye Mwoyo Atwala ekikompe kyabwe mu kifo okutuusa nga tebasobola na kukigumiikiriza yadde, waliwo ekirina okuvaayo kijje. Era tomumanyi, wandiyagadde okuwanika omukono gwo ogambe nti, "Nsabira, ow'Oluganda Branham. Kaakati njagala okumumanya. Era njagala njogere Naye, era njagala okumumanya ng'obujjuvu bw'Omwoyo We. Njagala okumanya nti Ali ku luuyi lwange, ekiseera kyonna. Nzikiriza Ali. Naye njagala mbeere wa mukwano. Nnina ennyonta, era ndi muyala ku lwa Katonda. Njagala okumumanya Ye okusingawo?

97 Katonda Akuwe omukisa, ssebo. Katonda Akuwe omukisa, ssebo. Naawe, ow'Oluganda. Ggwe, weewaawo, eyo emabega. Wansi wano, weewaawo omukyala. Yee, omukyala. Tulaba emikono gyammwe, ne Katonda agiraba. Katonda Akuwe omukisa, omuvubuka omuto. Katonda Akuwe omukisa. Ggwe, naawe omukyala. Amiina. Katonda Akuwe omukisa. Akuwe omukisa, mwannyinaffe. Kaakati omuntu omulala, mu kaseera ak'akasirise. Katonda Akuwe omukisa, omuvubuka omuto eyo emabega.

Kirowoozeeko. Kirowoozeeko, Okubeerawo kw'Amazzi agava mu Lwazi okubaawo bulijjo, Omwoyo Oyo y'omu; gwe Yakaaba n'Afulumya eyo ku lunaku lw'Omusango Gwe, bwe Yatwala omusango gwaffe. N'omuggo gwa Katonda ogw'obusungu ne gumukuba, ebibi byo ne bizingibwa mu muggo ogwo, ne gumukuba, amazzi n'Omusaayi ne bimuvaamu. Yagamba nti, "Kitange, mu mikono Gyo mwe nteeka Omwoyo gwange." Awo ku lunaku lwa Pentekoote Yajja okutambula naffe okuyita mu lugendo. Era kaakati Ali kumpi nnyo.

98 Bw'oba wagenda wala nakyo, n'obungeetera ewala n'ewaka; gamba nti, "Mukama, nkomawo ewaka." Nga bwe tuyimba kino, bw'oba wandiyagadde okutambula okujja ku woolutaali n'oddamu okwawulira Kristo emmeeme yo. Amiina.

Nnabungeetera ewala okuva

ku Katonda, (Okuva ku kkubo)

Kaakati nkomyewo eka;

Ekkubo ly'obutakkiriza (ky'ekibi)

eppanvu lye ntambuliddemu,

Mukama, nkomyewo eka.

Nkomyewo eka, nkomyewo eka,

Sikyabungeeta nate;

Yanjuluza emikono Gyo egy'okwagala,

Kaakati, Mukama, nkomyewo eka.

[ow'Oluganda Branham agenda mu maaso n'okuwuuna "Mukama Nkomyewo Eka."]

99 Abalenzi abasatu abato abatambudde okuvaayo, mu bwangu ddala, amaziga nga gali mu maaso

gaabwe, ne bafukamira wansi ku luuyi lwa woolutaali. Mu mazima basonyiyiddwa. Baasonyiyiddwa nga tebannaba na kuva mu butebe bwabwe, endowooza yaabwe eyo entono bwe yasazeewo. Bavuddeyo buvi okufukamira wansi wano okuleetera abantu okumanya ludda lw'ani kwe bali ekiseera kino.

Mbadde ndowooza nti wayinza okubeerawo abakadde abandiyagadde okukola kino, nga okufukamira wansi ne bagamba nti, "Mukama, mbungeese nnyo okuva mu kkubo. Mbadde n'okubuusabuusa kungi, era ebiseera ebimu mbungeese nnyo ne ntuuka mu kibi. Kaakati njagala okukomawo nga tebunnayita nnyo. Katonda, nnandiyagadde okujja. Njagalira ddala okujja nfukamire wansi." Amiina.

100 Kaakati, obuwala bw'ow'oluganda Arthur Beam, bulinga obwenkana buzze waggulu wano ne bufukamira wansi.

Oyo ajja ye muwala omuto eyakafuna kannyinna akaakazaalibwa eka. Olunaku lwa luli nnali ntudde; Mukyala Wood yajja n'aŋŋamba, yagamba nti mwannyinaze ono yabadde agenda mu ddwaliro okuzaala omwana. Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti, "Genda obagambe nti ajja kubeera mulenzi." Bwe yazaalibwa kaali kalenzi akato.

Kirabika abaana abato enkya ya leero, abava mu kibiina kya Mwannyinaffe Arnold, be bawaayo obulamu baabwe. Wolutaali yonna ku mukono gwange ogwa ddyo ejjudde baana bato.

Kijja kuba kirungi singa tuyimba akayimba, ku woolutaali, nga tukayimbira abantu abalala (si bwe kiri?) abakulu.

101 Kaakati, Mukama, nkomyewo eka.

[ow'Oluganda Branham ayogera n'abaana ku kituuti.]

Nkomyewo eka…?...

Sikyabungeeta nate;

Yanjuluza emikono gyo egy'okwagala,

Kaakati, Mukama, nkomyewo eka.

Nkooye ebibi n'okwaba, Mukama,

Kaakano nkomyewo eka;

Nneesiga okwagala Kwo, nga nzikiriza Ekigambo Kyo

Nkomyewo eka

Nkomyewo eka, nkomyewo eka

Sikyabungeeta nate;

Yanjuluza emikono Gyo egy'okwagala,

Mukama nkomyewo eka.

102 Leka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera tusabire abato bano.

Kitaffe ow'omu Ggulu, bwe wabeerawo olw'enkya olujja, singa Yesu Anaalwawo kko okumala emyaka emirala nga kkumi oba kkumi n'etaano, bano be bajja okuba abalenzi n'abawala abajja okwetikka Obubaka buno okubutwala eri emirembe emirala egijja. Tewali kubuusabuusa mu ndowooza yange, Mukama, wabula mu nnaku z'obulamu bwabwe zonna bajja kujjukira nga bajja ku woolutaali eno. Bino bye by'omuwendo ebitono, Mukama. Emitima gyabwe emito gibasalidde omusango enkya ya leero. Si na kuwulira Bubaka bwonna bwonna; bavudde buvi mu kisenge nga bawulidde Mwannyinaffe Arnold ng'ayigiriza; ne batambula okujja ku kituuti wano, okukuwa Ggwe obulamu bwabwe.

Kaakati, Taata, nnaakamaliriza okwogera nti muffe mutuddemu Omwoyo Omutukuvu. Era Omwoyo Omutukuvu ono, okukkiririza mu Mwoyo ono, kikola ebintu byonna. Era nzikiriza nti essaawa eno yennyini, Sonyiwa buli kibi kye bakoze. Era nkusaba Ggwe, n'okukkiriza kwonna okuli mu mutima gwange, nti Ojja kukuuma obulamu bwabwe obuto okuyita mu lugendo lwonna. Leka baleme okuwaba.

103 Ddala kino si kintu kya bulijjo. Omwoyo Yagambye enkya ya leero nti tujja "kulaba ekintu eky'enjawulo." Katonda, bw'Onoolekera awo okukolagana n'abalala, twala abaana abato. Engeri gye kiri nti enkya ya leero mu kuyitayo abaagala okulokoka tewaliiwo muntu mukulu yadde omu, wabula ekibinja kyonna eky'abaana abato kye kivuddeyo. Ate nga, bubadde Bubaka bw'amaanyi obukalubo okutegeera, n'eri abakulu, wabula abaana abato bakutte Omwoyo waabwo. Kitaffe, tukwebaza Ggwe ku lwabwe. Mbakuwa Ggwe, ng'Omuweereza Wo, ng'ebirabo by'olukuŋŋaana luno; olw'okujjukira nti Okubeerawo

okutavaawo okw'Amazzi g'Obulamu gajja kukulukuta nabo kasita babeera nga balamu. Leka babeere n'okukkiriza kaakati mu kino ekigenda mu maaso, nti Katonda Oyo Eyabawanuddeyo eyo mu butebe n'Abasindika wano waggulu, leka babeere n'okukkiriza mu Katonda Oyo ennaku z'obulamu bwabwe zonna. Leka emyoyo gyabwe emito gireetebwe gy'Oli mu lunaku lw'okufa kwabwe; gikomezebwewo eri emibiri gyabwe ku lunaku olw'okuzuukira. Babo, Kitange. Tubawaawo gy'Oli okuyita mu Linnya lya Yesu.

104 Nga tukotese emitwe gyaffe, ŋŋenda kusaba abaana abato bano bonna ku woolutaali, abakkirizza nti Yesu ye Mulokozi wammwe era Eyabagambidde eyo emabega mu kibiina okujja wano okufukamira wansi okwetooloola woolutaali. Mukkiriza nga Yesu abaagala era Asonyiwa ebibi byammwe? Njagala mwenna muyimirire ku bigere byammwe mutunule emabega mu kibiina. Eno, eyo y'engeri gye musobolamu okugamba abantu nti mukkiriza nti Yesu abalokola. Kaakati muyimirire ku bigere byammwe, ekyo kituufu, mutunuulire ddala mu kibiina. Mmwe mmwenna abalenzi n'abawala abato abaagala Yesu, buli omu ku mmwe ayimirire atunule emabega eyo mu kibiina.

105 Ate mmwe abawala abato abali wano mu maaso? Mukkiriza? Mwagala Yesu? Abawala abato bano wano, mwagala Yesu n'omutima gwammwe gwonna? Mu mwagala? Mumwagala Ye? Naawe mukwano omwagala? Yimirira wano, leka abantu bamanye nti oyagala Yesu. Katonda Abawe omukisa.

Kaakati leka tukyuke eno tuyimbire abantu bano nga tetunnagenda, "Yesu anjagala! kino nkimanyi. Baibuli bw'eŋŋamba bw'etyo." Mulaba? Kaakati Leka tuwanike buwanisi emikono gyaffe nga bwe tuluyimba. Kale, leka tuluyimbe.

Yesu Anjagala! Kino nkimanyi;

Baibuli bw'etyo bw'eŋŋamba,

Abato ba Mukama, Banafu...

Kaakati nga muwanise emikono gyammwe waggulu, bameka abali wano munda abaagala-abaagala okubeerayo? Yee, Yesu Anjagala,

Yee, Yesu Anjagala,

Yee, Yesu Anjagala,

Baibuli bw'etyo bw'eŋŋamba.

106 Kaakati mmwenna muddeemu mwogere bye njogera. [Abaana ku woolutaali baddamu ow'Oluganda Branham by'ayogera -Omuk.] Nzikiriza Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda. Olwa leero mmukkiriza ng'Omulokozi w'obulamu bwange. Okuva olwa leero n'okweyongera mu maaso, nja kumwagala Ye n'okumuweereza. Amiina.

107 [Ow'oluganda mu kibiina agamba nti, "ow'Oluganda Branham, nnina abaana bana ku mutima gwange mu kiseera kino. Bambi onaabasabira?" -Omuki.] Mazima ow'Oluganda Ben, nja kukikola.

Kitaffe ow'omu Ggulu, omusajja ono alaba abaana abalala nga bajja eri Kristo, era akaaba, nga taata w'abaana be. N'Omwoyo oyo aleese abato bano wano ku woolutaali, leka Omwoyo oOyo y'omu Alokole abaana be, Kituwe, Mukama. Tubakuwa Ggwe, Kitange, mu Linnya lya Yesu Kristo.

108 Kaakati mmwe abato nga muddayo mu bifo byammwe, njagala buli muntu ali mu lunyiriri awo we mutudde okusika mu mikono n'abaana abato bano, oba okubakubaakubako ku bibeegaabega nga bwe baddayo. Mwenna muyite wano muddeyo mu bifo byammwe. Era leka buli muntu ali awo akubeekube ku baana bano abato ku bibeegaabega. Era tubaagala n'emitima gyaffe gyonna. Mwenna muli bitundu ku Mubiri gwa Kristo, nnyo ddala mu gwo ng'abalala ku ffe bwe tuli.

Tugenda twambuka e Sayuuni,

Ekirungi, Sayuuni kirungi;

Twambuka okugenda e Sayuuni,

Ekibuga kya Katonda ekirungi.

Mujje abaagala Mukama,

Muleke essanyu lyaffe limanyibwe,

Twegatte mu luyimba oluwoomu,

Twegatte mu luyimba oluwoomu,Bwe tutyo twetooloole entebe ya Katonda,

Bwe tutyo twetooloole…

Okwo kuyimba kw'amaanyi!

Kaakati Leka tuyimuse

emikono gyaffe.

Tugenda e Sayuuni,

Ekirungi, Sayuuni kirungi;

Twambuka okugenda e Sayuuni,

Ekibuga kya Katonda ekirungi.

Leka tusikeŋŋane mu mikono nga bwe tuyimba kaakati.

Tugenda twambuka e Sayuuni, Ekirungi, Sayuuni kirungi; Twambuka okugenda e Sayuuni,

Ekibuga kya Katonda ekirungi.

109 Kaakati leka tuyimirire nga tukotese emitwe gyaffe, nga bwe tusaba. Ow'oluganda Teddy, a… [ow'Oluganda Branham atandika okuwuuna, Tukumba okugenda e Sayuuni -Omuk.)

Nnina eby'okusabira wano, obutambaala n'ebirala. Buyinza okubeera nga buvudde mitala w'amayanja. Billy yabadde aŋŋamba nti baababadde balina obugatto bw'omwana omuto okuviira ddala eyo ewala mu Bungereza, akato kano nga konna kaagongobala n'olwekyo ekyo nakyo twabadde baakukisabira.

110 Kale nno…[Mu kibiina, Ow'oluganda Ben agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi nsonyiwa olw'okukutaataaganya, naye nsaba nti oyo eyakubye emmotoka yaffe ekiro ekyayise ku mukono gwange ogwa ddyo okuliraana emipiira, nsaba ekyo okubikkulibwa. Nsaba Mukama Akibikkule."] Amiina, ow'Oluganda Ben, ddala ekyo nja kukikola.

[Ow'oluganda Branham agenda mu maaso n'okuwuuna, Tukumba tugenda e Sayuuni." -Omuk.]

111 Nga bwe tukumba okugenda, Mukama, tumanyi nti Olwazi olwakubibwa weeruli awo kumpi naffe, Okubeerawo okutavaawo okw'Amazzi agava mu Lwazi kugenda n'Ekkanisa. Ayi Katonda Ataggwaawo, enkya ya leero Tusumululire okukkiriza mu Katonda ono Ali naffe. Mmanyi nti Ojja kukikola, nga bwe tusobola okufuna okuganja okuva gy'Oli, nti Osobola okukutwesigisa. Bw'onaaba okutuwadde mu bungi, tuyinza okukukozesa obubi, Mukama. Naye bwe tulaba ekisa gy'Oli, leka kibeewo.

Muganda waffe agambye waliwo eyakubye emmotoka ye. Ayi Katonda, tumanyi omusajja talina ssente okukola ebintu bino. Nsaba nti Ojja kuleetera omuntu oyo okulumirizibwa, oba ekintu ekimu, asobole okwenenya olw'okukola kino, ajje agambe nti, "Ow'oluganda, nja kutereeza emmotoka yo, nze nnakikoze." Yamba ow'Oluganda Ben n'abaagalwa be.

112 Wano mu ngalo zange mulimu obutambaala n'ebyokusabira, mube n'okukkiriza mu Katonda Oyo. Musa yalina okukkiriza mu Katonda Oyo, n'asomoka ennyanja. Danyeri yalina okukkiriza mu Katonda Oyo, era n'aggibwayo mu bunnya bw'empologoma. Saddulaaki, Mesaaki ne Abudunego baalina okukkiriza mu Ye, era n'Azikiza omuliro. Pawulo yalina okukkiriza okwo mu Ye, era olunaku lumu okuweereza bwe kwakalubira ddala ne Pawulo n'atayinza kutuuka ku buli muntu, yafuna bufunyi obutambaala, yagamba nti, "Nzikiriza nti Katonda Ali nange." Yateeka emikono gye ku butambaala n'ebiremba, emyoyo emibi ne gifuluma mu bantu, n'obulwadde, endwadde ne zibavaako. Era, Katonda, nnina okukkiriza mu Katonda y'omu. Leka obubi buveewo. Obulwadde, ebirwadde, okunyigirizibwa, Mukama, leka biveewo.

113 Oli Katonda y'omu Eyayogera gyendi wansi eyo mu Mpagi y'Omuliro ku mugga. Mukama, Ggwe Alina ekifaananyi Kyo nga kyewuubira wano nange, ku kisenge. Oli naffe. Bulijjo Obeerawo, Empagi y'Omuliro y'emu. Era tuwoomeddwa Amazzi okuva mu Lwazi buli lunaku, nga bwe twegatta mu Mwoyo. Olwo Oli wano. Mukama tukulinamu obwesige Ggwe. Tulina okukkiriza mu Ggwe. Tukkiriza nti Ojja kutufukako amafuta era Otuyambe. Si lwa kitiibwa kyaffe, Mukama. Awo twagala okubeera nga Musa, bwe yakola ekikyamu. Twagala okubaako kye tukola okukuyamba, Mukama. Ekyo ky'ekigendererwa ky'emitima gyaffe. Era bwe tuba nga tusobola okukikola, Kitaffe Tulage, kyonna ky'Oyagala ffe tukole.

114 Era kaakati, olw'ekikolwa ky'okukkiriza, nnenya obulwadde obutambaala buno bwe bukiikirira, n'ebyokusabira bino. Buve ku bantu. Mmanyi Mukama Ojja kukikola. Nkikkiriza mu mutima gwange nti Ojja kukikola. Wonya obulwadde bwonna mu masekkati gaffe enkya ya leero.

Lokola abo abawanise emikono gyabwe, abagambye nti bandiyagadde okujja eri olwazi lw'amazzi. Katonda, leka babe n'ennyonta leero, leka wabeerewo obulamu bwe butyo obw'omunnyo obubeetooloodde, obunaabaleetera okuba n'enyonta eri Kristo. Kituwe.

Beera naffe ekiro kya leero, Kitaffe. Ayi Katonda, leka nzuule okuyita mu bisabiddwa bino kiki ekiri ku

mitima gy'abantu. Bwe waba nga tewali kiri ku mitima gyabwe, awo Mukama, Baako ky'Ompa okubuulira ku mitima gyabwe ekiro kya leero.

115 Wa omukisa ow'Oluganda Neville, ne mukyala we, amaka ge, ekkanisa yaabwe entono, abawanika b'ekkanisa, abadiikoni, ba mmemba baffe, n'Omubiri Gwo buli wamu. Kitaffe Beera naffe. Kino tukiteeka mu mikono Gyo, mu Linnya lya Yesu Kristo. …Sayuuni

Twambuka okugenda e Sayuuni,

Ekibuga kya Katonda ekirungi.

Leka tuluyimbe, ddala, mazima ddala gy'Ali kaakati, mulaba.

Mujje abaagala Mukama,

Muleke essanyu lyaffe limanyibwe,

Twegatte mu luyimba oluwoomu,

Twegatte mu luyimba oluwoomu,Bwe tutyo twetooloole entebe ya Katonda,

Bwe tutyo twetooloole entebe ya Katonda.

N'emitima gyaffe kaakati emiwombeefu

Tugenda twambukla e Sayuuni,

Ekirungi, Sayuuni

Twambuka okugenda e Sayuuni,

Ekibuga kya Katonda ekirungi.

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7